Abaebbulaniya,
Essuula Ey'Omusanvu [1]

. . .akawungeezi kano, n'okuwulira Joyce nga ayimba. Mukimanyi nti ekyo kyamagero ku bwakyo? Omuwala omuto bw'atyo, ddala ebyo byonna abirowoozaako atya? Ate nga buli kawungeezi abaako oluyimba olupya lw'atuyimbira. Kyewuunyisa engeri gy'alowooza ku bintu ebyo byonna, mazima ddala mugezi bya nsusso. Omwana oyo Mukama amuwe omukisa.

2 Kati, enkya, ku ssaawa munaana n'ekitundu, mu maka okukungubaga gye kwategekeddwa mu Charlestown, Indiana. Mwannyinaffe omwagalwa, eyavudde mu bulamu bw'ensi eno, Mwannyinaffe Colvin, tujja kumukubako eriiso evvannyuma, mu—mu maka okukungubaga gye kwategekeddwa ne ku ntaana, enkya olw'eggulo. Abadde mulamu nga bw'oli omulamu akawungeezi kano, naye yasomose n'agenda emitala w'eggigi naawe lumu gy'oligenda. Kati abo bonna abaagala okubaayo mu kusaba okwo, ddala, mwanirizibwa okubaayo. Ddala kijja kugumya ab'enju ya ba Colvin, okukimanya nti ab'ekkuŋŋaaniro lino wano, ekkanisa mwe babaddenga bakuŋŋaanira okumala ebbanga eddene, n'ebirala bwe bityo, bajja. . . Tunaasanyuka okubalaba nga muzze. Era ndowooza nga. . . Muganda waffe omwagalwa McKinney, eyabuulira bwe twali tuziika muganda wange, emyaka mingi egiyise, y'anaakulembera ekitundu eky'okubuulira omukolo gw'okuziika, era nnasabiddwa ŋŋende mmuyambeko mu—mu by'okuziika.

3 Kati, akawungeezi kano, nkeereyeemukko. Mbadde n'eby'okukolako bingi, nga ssimanyi kiriwa kye mba nsooka nakyo. Wabaddewo amasimu mangi, agankubirwa, ate n'ebidduka bingi ebitomeragana awamu n'obubenje, nga eno abantu bwe bakuyita. Okutuusa nti, mbadde nnaakasimbula okuva mu Louisville, akaseera katono akaakayita, okusobola okukomawo wano mu bwangu ddala, era nga ndeseeyo essimu enkulu ennyo eziwerako ezibadde zikubibwa era eziteekwa okuddibwamu, ndowooza, akawungeezi kano. Kale kati mbasaba mutusabire nga bwe tugenda mu maaso.

4 Kati ku makya ssa—ssaasobodde kutuuka ku—ku kyakuyigako kyange, eky'essuula ey'o 7 ey'Ekitabo kya—kya—ky'Abaebbulaniya. Kale nga bwe tubikkulayo, akawungeezi kano, njagala okulanga olukuŋŋaana lw'Ow'oluganda Graham Snelling, oluli engulu eri mu weema, oluguudo lwa Brigham Avenue gye lukoma. Mukama bw'anaaba ayagadde, njagala

nkomewo ku Lwokusatu akawungeezi. Era bwe nnaaba nkomyewo tujja kusalawo akawungeezi ke tunaagenda awamu nga ekibinja, mu wiiki eno, okukyalira Ow'oluganda Graham mu lukuŋŋaana. Kati a . . . agamba mbu, "Tulina ekibiina ekirungi." Kale—kale ajja kusiima nnyo okubaayo kwaffe, olw'obuwagizi buno. Ow'oluganda Graham Snelling, bwe wabaawo omu ku mmwe anaagenda mu lukuŋŋaana olwo, oba eyandyagadde okugendayo, luli ngulu eri oluguudo lwa Brigham Avenue we lukoma. Ne bw'obuuza omuntu yenna asobola okukulagirira we luli. Awo wennyini ekisaawe we kikoma we wali weema mwe luli. Abasiima okugendayo okulwetabamu. Kubanga, ffe nga ekkuŋŋaaniro tweyama okukolaganira awamu naye, kikumi ku kikumi, kale tugezaako okuyamba.

5 Kati, mu kaseera katono, Mukama nga ayagadde, tugenda kutuuka ku ssuula ey'e 11 ey'Abaebbulaniya, mu biro bitono okuva kati, Katonda bw'anaaba ayagadde, era nzikiriza ne mu kiseera ekyo tuliba n'ekiseera ekirala ekirungi ebitagambika.

6 O, Mukama yatuwadde omukisa ku makya mu ngeri ey'amaanyi ennyo ddala, bwe Yatufuseeko Omwoyo We! Ate kati, n'akawungeezi kano, tumusuubira okuddamu okukikola; ne ku Lwokusatu akawungeezi, n'okweyongerayo. Kati—kati akawungeezi ke ssiibeerewo, Ow'oluganda Neville ajja kubeerangawo okukyongerayo mu maaso, bwe nnaaba ssiriiwo.

7 Ssimanya kye ŋŋenda kukola, essaawa eno oyinza okuba oli wano, ate essaawa eddako n'oyitibwa okugenda e California. Mukiraba, obeera tomanyi wa Mukama gy'anaakutuma. Ye nsonga lwaki kinkaluubirira okukola entegeka z'eŋŋendo zange ne mbagamba nti tujja—tujja kukola *kino-na-kiri*. Nnyinza okubaako ne kye ntandika, ate Mukama n'abaako ne w'antuma awalala. Mukiraba? N'olwekyo tuba tetumanyi kiki ky'Anaakola. Naye, tugamba kimu nti, "Mukama nga ayagadde." Era nzikiriza ekyo kye twatumibwa, manya kye twalagirwa okwogera, mu Bayibuli nti, "Mukama bw'anaaba ayagadde, tujja kukola *bino-ne-biri*." Kale bwe tutabaako kulagaanya kwonna kwe tu . . . manya bwe tutatuukiriza kulagaanya kwaffe, tuwulira nti oba oli awo Mukama aba tayagadde kubeewo.

8 Luli, baatukwata, Ow'oluganda Roberson n'Ow'oluganda Wood nange. Ne twebuuza nti, "Naye lwaki?" Twali, tugoberera maapu, tuserengeta, naye ne tuddamu ne tuvuga kiromita kinaana nga twolekera mu bukiikakkono ku luguudo. Ate nga mbaddenga ntambulira ku luguudo lwe lumu olwo okuva nga ndi wa myaka nga kkumi n'etaano. Naye nneewuunya engeri gye kyabaawo. Twali awo nga tuyimiridde, ffenna abasatu nga bwe twali. Ffenna twali tutambuliddeko ku nguudo ennene ezigenda ewala. Twajja twetegereza bulungi maapu era nga tugigoberera, ku luguudo nnamba 130, tuyita mu Illinois mwonna, naye ne tuwetamu katono, ne tutakiraba nti enjuba yatuli mabega ate nga yali erina kutubeera mu maaso. Nga twolekera mu

bukiikakkono mu kifo ky'obukiikaddyo. Tugenda okulabuka, nga tusaze oluguudo, ne ŋŋamba nti, "Luno si lwe luguudo lwe tubadde tulina okukwata." Okugira kuti, okwetegereza obulungi, nga ekkubo twalirese mabega kiromita kinaana. Ne tuddayo ate emabega . . . ?. . .

9 Kati bwe twali tuddayo, twa—twajja twogera. Ne ŋŋamba nti, "Naye mumanyi? Tu . . . Mukama yandiba nga yatuyisizza eno, tuleme okugwa mu kabenje ddekabusa ob'olyawo akandibadde awantu awamu erudda eno, ob'olyawo akandikoze ekintu ekirala. Tukimanyi nti ebintu byonna bikolera wamu ku lw'obulungi eri abo abaagala Mukama. Ekyo kye tulina okukuumiranga mu birowoozo byaffe."

10 Kati, akawungeezi kano, kati tugenda kutandika ku ky'okuyigako ekitonotono. Era bwe mba . . . Ssikakasa oba tunaakituukako, naye oba oli awo akawungeezi ka leero tunaatuuka, ku . . . Eno y'essuula ey'ekitalo eyigiriza ku kimu eky'ekkumi, eri ekkanisa. Era kya kuyigako kikulu nnyo, nga tusobola okumala wiiki eziwererako ddala, nga twogera ku kintu ekyo kye kimu, ekya Ibulayimu bwe yasasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki, n'okulaba oba nga ddala kikulu okukiwa.

11 Ekiwujjo ky'empewo kino waliwo gwe kikosa emabega eyo? Mwandyagdde kiggyibweko? Bwe waba waliwo gwe biyisa obubi, nga biwujja empewo mu maaso go, ekimu ku biwujjo ebyo. Bwe mubaayo, muyimuse emikono gyammwe. Oba, osobola okutuma omu ku bakebezi, oba n'obaako ne gw'otuma eri ow'oluganda ono ali wano, ajja kubikuggyirako. Kati ntera okubiggyako ne biba nga wendi tebiriiko; naye ate ebbugumu ligenda ne limpitirirako ne ntandika okutuuyana, ate, ne mmaliriza, nga nsa—nsaakaadde obulago. Kale, kiri gye muli, nze tekijja kunkosa mu ngeri yonna. Twagala muwulire emirembe.

Tetugenda kubalwisaawo nnyo kisusse, wabula tugenda kugenda butereevu mu Kigambo. Era nga tetunnakikola, leka tusooke twogereko ne Nnyinikyo.

12 Kaakano, Kitaffe ow'omu Ggulu, tetumanyi bitulindiridde. Naye kyokka kye tumanyi era kye tukakasa, kiri nti ebirungi bitulinze mu maaso. Kubanga kyawandiikibwa nti, "Eriiso bye litalabangako, n'okutu bye kutawulirangako, era ebitayingiranga mu mitima gy'abantu, ebyo Katonda by'abaterekedde, abo abamwagala."

13 Era tukusaba oggule amadirisa g'Eggulu akawungeezi kano, mu tterekero Lyo, otuwe Ekigambo Kyo, ekinaabeera ekyo ekisaanidde, ekinaayongera ku kukkiriza kwaffe nga Abakristaayo, ne kituleetera okwongera—okwongera okunywezebwa mu Njiri, okusinga bwe twabadde we twayingiridde muno. Kituwe, Kitaffe. Leka Omwoyo

Omutukuvu atwale Ekigambo kya Katonda akituuse eri buli mutima okusinziira ku byetaago byaffe. Tukisabye, mu Linnya lya Yesu, Omwana Wo omwagalwa. Amiina.

14 Kati, ku makya ga leero, twaleseeyo olunyiriri olusembayo olw'essuula ey'omu 6, tusobole okuyingira mu ssuula ey'omu 7.

Yesu, bwe yayingira omukulembeze waffe, bwe yafuuka kabona asinga obukulu emirembe gyonna, ng'engeri ya Merukizeddeeki bw'eri.

15 Kati tugenda kusoma ennyiriri essatu ezisooka, manya ennyiriri ebbiri ezisooka, manyanga ennyiriri essatu ezisooka, kye ntegeeza, ez'essuula ey'o 7, tutandikire awo.

Kubanga Merukizeddeeki oyo, kabaka w'e Ssaaleemi, kabona wa Katonda ali waggulu ennyo, eyasisinkana Ibulayimu ng'akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa;

Era Ibulayimu gwe yagabira ekitundu eky'ekkumi ekya byonna, (kiikyo ekimu eky'ekkumi kyammwe); *eky'olubereberye mu kutegeezebwa Kabaka wa butuukirivu,. . .era Kabaka w'e Ssaalemi, ye, Kabaka ow'emirembe;*

Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe,. . .atalina lwe yasookerako. . .atalina lunaku lwe yasookerako, newakubadde enkomerero y'obulamu; naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda; abeera kabona ow'olubeerera ennaku zonna.

16 Nga kigambo kya kitalo! Kati kigenda kutwetaagisa okuddayo mu Ndagaano Enkadde, okusobola okuggyayo obulungi ebintu bino ebikulu era eby'amaanyi. Era, ha, nga mbyagala nnyo!

17 Omanyi, eri mu Arizona, twanoonyanga eby'obugagga eby'omu ttaka. Era twatuukanga mu kibangirizi ky'ettaka ekirabika obulungi, nze ne Mw. Mc Anally. Ne tulaba ekifo ekiringa, ekirimu ebitabataba, omwabanga emifulejje, kye baayitanga "mukoka we yayita." Era na. . . Nga aŋŋamba nzikeyo wansi n'aŋŋamba nkunye omusenyu ne ngira be "wuuu," ne ngufuuwako. Nga ngukunya, ne ngira be "wuuu," ne nguwewa. Era nneewuunyanga lwaki yabanga akikola. Ŋŋenda okukizuula, omanyi, bw'owewa omusenyu, guwewuka. N'ebirala byonna, n'ekirungo ekiyitibwa erisasi, nakyo kiwewuka okusinga zzaabu. Zzaabu azitowa okusinga erisasi. N'olwekyo bw'owewa, olufufugge lw'ebyuma eby'omu ttaka biri ebirala byonna wamu n'omusenyu n'enfuufu byonna bijja kufuumuuka, naye zzaabu ajja kusigala wansi. N'olwekyo, bwe waabangawo mukoka we yayita emmanga *eno*, nga kiraga nti waliwo awali omukululo gwa zzaabu awantu awamu. Enkuba eyo yabanga eyozezza n'eyerula obutundutundu buno ne bulabika. Kale kye twakolanga twakwatanga ensuuluulu n'ebirala, ne tutandika

okusima olusozi, kyenkana lwonna, nga tugezaako okuzuula zzaabu ono. Ne tusima empompogoma mu ttaka, ne tuyiikuula. Ne tuteekamu bbaluti, ne tubalulawo. Ne tugenda mu maaso nga tubalula tukola emikutu mu ttaka, nga bwe tukkirira ddala wansi okutuusa lwe twazuulanga, okusobola okuzuula omukutu omukulu zzaabu mw'ali. Kati, ekyo kye tuyita "okunoonya eby'obugagga by'omu ttaka."

18 Era akawungeezi kano tugezaako okuddira Ekigambo kya Katonda, tukikozese nga tweyambisa amaanyi ag'Omwoyo Omutukuvu, okuwewa obuteekakasa n'okubuusabuusa kwonna bitwamuke, obuntuntu obwo bwonna obutaliimu makulu obutalina musingi gwonna obutalina mulamwa gwonna mu bulamu bwaffe, bwonna twagala tubuwewe bufuumuke buveewo tusobole okuzuula Omukutu guno ogw'ekitiibwa. Omukutu ogwo ye Kristo.

19 Era kaakano tusaba Katonda atuyambe nga bwe tusoma wamu n'okuyiga okuva mu Kigambo Kye. Mu ssuula, essatu ze twakamaliriza, kyenkana, tubadde twogera ku kuwulira, ku Merukizeddeeki, wano ne wali.

20 Kati, nzikiriza Pawulo atuwa enzivuunula entuufu.

Kubanga Merukizeddeeki ono, kabaka w'e Ssaalemi, . . .

"Kabaka w'e Ssaalemi." Era buli muyizi wa Bayibuli yenna akimanyi bulungi nti Ssaalemi yasooka . . . Yerusaalemi kyasooka kuyitibwa "Ssaalemi." Era Ye yali Kabaka wa Yerusaalemi. Mumwekkaanye.

. . . kabona wa Katonda ali waggulu ennyo, (oyo nga ye mwegayirizi), *eyasisinkana Ibulayimu . . .*

Kati okusooka njagala nnambulule obuzaaliranwa Bwe, Omusajja ono ow'ekitalo, musobole okumanya Kiki kyennyini ky'Ali, oluvannyuma mulyoke . . . tulyoke tugende mu maaso n'ensonga eno.

. . . nga akomawo ng'ava okutta bakabaka, n'amusabira omukisa;

Era . . . Ibulayimu gwe yagabira ekitundu eky'ekkumi . . . eky'olubereberye . . . mu kutegeezebwa Kabaka w'obutuukirivu, . . .

Kati mwetegereze, "Obutuukirivu." Kati, tulina obutuukirivu obwaffe nga ffe, tulina obutuukirivu obwefaananyiriza obutuukirivu bwennyini, tulina obutuukirivu obwakyamizibwa, n'obulala obwa buli ngeri. Naye waliwo obutuukirivu obwa nnamaddala bwa ngeri emu yokka, era obwo bwe butuukirivu obuva eri Katonda. Ate Omusajja ono ye yali Kabaka w'obutuukirivu. Ayinza kuba Ani?

21 Kati, Ye yali Kabaka w'obutuukirivu, Kabaka wa Yerusaalemi, Kabaka w'obutuukirivu, Kabaka w'emirembe.

Yesu yayitibwa, "Omulangira ow'emirembe." Ate omulangira abeera mutabani wa kabaka. Kati, nga bwe kiri nti Omusajja ono ye yali Kabaka ow'emirembe, kitegeeza Ateekwa kuba nga ye Kitaawe w'Omulangira ow'emirembe. Mukifuna?

22 Kati leka tweyongereyokko, tulabe, obuzaaliranwa Bwe, tulengere gye tulaga.

Atalina kitaawe,. . .

Kati, Yesu yalina Kitaawe. Ekyo mukikkiriza? Mazima ddala Yamulina.

. . .atalina nnyina,. . .

Yesu yalina nnyina. Naye ono Ye teyalina kitaawe yadde nnyina.

. . .atalina bajjajjaabe,. . .

Teyalina muntu yenna mwe Yali asibuka, teyalina jjajja yenna. Yabangawo bulijjo. "Teyalina bajjajjaabe."

. . .atalina lunaku lwe yasookerako,. . .

Tewali kiseera lwe Yatandika kubaawo.

. . .newakubadde enkomerero y'obulamu;. . .

Yali tayinza kubeera kirala kyonna okuggyako Katonda. Kye kyokka kye Yali asobola okubeera.

23 Kati, kati mwetegereze nga bwe tusoma olunyiriri oluddako. Mukiraba? "Ekisooka, ekivvuunulwa nti, Kabaka wa butuukirivu." Olwo si lwe mbadde njagala okusoma. O—olunyiriri olw'oku 3 lwe njagala:

. . .newakubadde enkomerero y'obulamu; naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda;. . .

Kati, si ye yali Omwana wa Katonda, kubanga, ssinga ye yali Omwana, Omwana yalina entandikwa. Ate ono Omuntu ye teyalina ntandikwa. Ssinga ye yali Omwana, Yali alina okuba ne kitaawe ne nnyina. "Naye Omuntu ono teyalina kitaawe newankubadde nnyina. Naye Yafaananyizibwa *nga* Omwana wa Katonda."

. . .abeera kabona ow'olubeerera ennaku zonna.

24 Kati, Dokita Scofield agezaako okugamba, nti, "Bwali bwakabona, obwayitibwanga, 'Obwakabona bwa Merukizeddeeki.'"

Naye ekyo njagala nsooke nkibannyonnyole mukitegeere. Bwe kiba nga bwali bwakabona, kitegeeza bwalina ne lwe bwatandika, era bwalina lwe bulikoma. Naye, "Ono teyalina ntandikwa yadde enkomerero." Era teyagamba nti yasisinkana bwakabona. Yasisinkana Muntu, era Erinnya Lye yamuyita "Merukizeddeeki." Yali Muntu, tekyali kibiina kya ddiini, tebwali bwa—bwa—bwakabona oba obwakitaffe. Yali Muntu ddala yennyini nga n'Erinnya Lye yali ayitibwa Merukizeddeeki,

eyali Kabaka wa Yerusaalemi. Sso tebwali bwakabona, wabula yali Kabaka ataalina kitaawe. Obwakabona tebubaako taata. "Naye Omuntu ono teyalina kitaawe, newankubadde nnyina, teyalina ntandikwa newankubadde enkomerero y'obulamu." Kati, Omwana wa Katonda . . .

25 Ono kye yali, yali Yakuwa. Ono yali Katonda Yennyini Omuyinza wa byonna. Yali tayinza kuba kirala kyonna.

26 Kati mulabeeyo, "Abeerera emirembe gyonna." Alina obujulizi wano, obugamba nti, "Mulamu. Tafa." Ta . . . Tabeerangako kirala kyonna okuggyako okuba omulamu. "Abeerera emirembe gyonna."

27 Kati, Yesu yakolebwa, yafaananyizibwa nga Ye. Kati, ensonga lwaki waliwo enjawulo wakati wa Katonda ne Yesu eri nti: Yesu yalina entandikwa; Katonda teyalina ntandikwa. Merukizeddeeki teyalina ntandikwa, ate Yesu yalina entandikwa. Naye Yesu yakolebwa, yafaananyizibwa nga Ye. "Kabona, abeerera emirembe gyonna."

28 Kati, Merukizeddeeki bwe yali ku nsi, Teyali kirala kyonna mu nsi wabula ya—yali Yakuwa Katonda nga alabisiddwa okuyita mu butonde, Yali wano nga omubiri ogw'enkula ey'omwoyo. Ibulayimu lumu yamusisinkana, bwe yali mu weema ye. Era nga bwe twagambye ku makya nti, "Ibulayimu yamutegeera. Era Yagamba Ibulayimu bye Yali agenda okukola, kubanga Yali tayinza kuganya oyo ow'okusikira ensi kubeera nga tamanyi ku bintu bye Yali agenda kukola."

29 Leka nsooke nsimbewo akati, ŋŋambe nti, Katonda akyalina endowooza y'emu eyo ku Kkanisa Ye. Temuli baana ba kizikiza. Muli baana ba Musana. Era . . . ffe aba . . . "Balina omukisa abateefu, kubanga balisikira ensi." Kati Katonda, Oyo eyakola bw'atyo eri—eri Ibulayimu, eyali ow'okusikira ensi . . . N'agamba nti, "Ebintu bino ssiyinza kubikisa musajja agenda kusikira nsi." Taasingewo nnyo okubikkula ebyama Bye eri Ekkanisa Ye egenda okusikira ensi!

30 Danyeri yagamba nti, "Mu biro ebyo balidduka nga bava muno badda muli, n'okumanya kulyeyongera." Era n'agamba nti, "Abagezigezi balimanya Katonda waabwe, mu biro ebyo, era balikola eby'obuzira mu biro ebyo. Naye ababi tebalimanya Katonda w'Eggulu." Bamumanyi mu ngeri ya kutuukiriza mikolo na bulombolombo, nga eky'okuyigako kyaffe ekyasoose bwe kyabadde kigamba, naye tebamumanyi bwe kituuka ku by'okutuukirira.

31 Ate nga Katonda akola kuyita mu kutuukirira mwokka, kubanga Ye atuukiridde. Erinnya Lye liweebwe omukisa! Gulina kuba mukutu ogutuukiridde Katonda gw'akoleramu, kubanga Ye talina kirala kyonna ky'ayinza kukola okuggyako okukola nga ayita mu kutuukirira. Tayinza kwesiiga nziro mu ngeri yonna. Era eyo y'ensonga lwaki Yesu yajja okuggyawo ebibi

byaffe, tusobole okutuukirizibwa, Katonda asobole okukola nga ayita mu Kkanisa Ye. Awo wennyini ekyama we kiri.

Awo ensi we yazibirwa amaaso. Awo we wabaleetera okwagala okugamba, nti, "Watabuka omutwe tokyategeera." We wabaleetera okugamba nti, "By'oyogerako tobitegeera."

Kubanga, "Ebintu bya Mukama busirusiru eri amagezi g'ensi eno. Naye ebintu by'ensi bya mubiri eri omukkiriza." N'olwekyo, obeera muntu wa njawulo, nga obeera mu mutendera gwa njawulo. Obeera tokyali wa mu nsi eno. Obeera wasomoka n'ova mu bulamu buno n'oyingira mu Bulamu obuggya.

32 N'olwekyo, Katonda abikkulira, si nsi, si basoma mbeera za bantu, si baweereza abakenkufu, wabula eri abateefu mu mitima. Abantu Be abateefu, Ajja kubabikkulira, ebyama by'ebintu bya Katonda ebikulu. Mukiraba?

33 Kati, kati, Ibulayimu yali wa kusikira ensi. Okuyita mu . . . Amawanga gonna gaali gaakuweebwa omukisa okuyita mu Zzadde lya Ibulayimu. Bw'atyo Katonda yakka wansi n'ayogera naye, nga ali mu nkula ey'Omuntu.

Kati, Katonda bulijjo abaddenga ku nsi. Katonda tavangako ku nsi. Ssinga Amala n'ava ku nsi, ssimanyi ky'eyinza kufuuka. Naye Katonda bulijjo abaddenga wano mu ngeri emu oba endala. O, Erinnya Lye litenderezebwe!

34 Yali wamu n'abaana mu ddungu, bwe baava e Misiri, mu nkula ey'Ekitangaala. Yayogera eri Ibulayimu ng'ali mu nkula ey'Omuntu. Yayogera eri Musa ng'ali mu nkula ey'Omuntu. Yayogera eri Ekkanisa ng'ali mu nkula ey'Omuntu, Omwana We, Kristo Yesu.

Era Ayogera okuyita mu Kkanisa Ye leero, okuyita mu Kkanisa ya Katonda omulamu gye yafukako amafuta, okuyita mu bibya eby'ebbumba. "Mmwe matabi. Nze Muzabbibu." Katonda akyayogera, era ensi eraba Yesu okusinziira ku bwe mumubanjulira. Bw'etyo ensi bw'eraba . . . "Muli bbaluwa empandiike, ezisomebwa abantu bonna." Obulamu bwo bwe bulaga ky'oli.

35 Kati, Ibulayimu ono ng'ali mu lugendo lwe, nga akomawo. Tugenda kuddayo emabega nate tumusomeko mu kaseera katono, mu Kitabo ky'Olubereberye. Mu ssuula ey'e 14 ey'Olubereberye, nzikiriza we kiri. O, nga mboozi ennyuvu ennyo wano! Kati, ffenna tumanyi Ibulayimu, engeri Katonda gye yamuyitamu okuva mu nsi y'Abakaludaaya mu kibuga Uli, n'amugamba yeeyawule ku banne.

Katonda bw'ayita abasajja n'abakazi, aba Abayise kweyawula.

36 Kati, ogwo gwe mutawaana oguli ku makanisa ensangi zino, tegaagala kweyawula ku nzikiriza z'edda ez'omubiri ezi- . . . ku batakkiriza. Ye nsonga lwaki tetusobola kweyongera

mu maaso. Fenna tugendera wamu kirindi mu ndowooza y'omubiri, ne tu—ne tugamba nti, "Ha, Jim bambi musajja mulungi, newankubadde anywa omwenge. Bw'aba . . . Kale mmuwerekerako eri gye bazannyira ppuulu, naye nze ssizannya ppuulu. Ne—ne—n'omukyala oyo mmuwerekerako ku kabaga. Kale boogera eby'okusaaga eby'obuwemu, n'ebirala, naye nze ssibyogera."

37 "Mubaveemu." Bwe kiri. "Mweyawule. Temukomanga ku bintu byabwe ebitali birongoofu, Nange ndibasembeza," bw'ayogera Mukama. "Temwegattanga na batakkiriza, okwegatta awamu n'abatakkiriza." Tokikola. Weeyawule.

38 Era Katonda yayita Ibulayimu okweyawula ku b'eŋŋanda ze bonna, alyoke atambule wamu Naye. Ow'oluganda, emirundi egimu kitegeeza kubaako kkanisa gy'ofulumamu n'ogenda. Bwe kityo bwe kyategeeza eri Pawulo. Yalina okuva mu kkanisa ye n'agifuluma. Era bangi ababadde balina okukola ekintu kye kimu ekyo. Emirundi egimu kitegeeza kuva mu maka gy'ozaalwa. Emirundi egimu kitegeeza kuleka kitaawo ne nnyoko, n'oleka byonna. Ssitegeeza nti buli mulundi kye kiba kitegeeza, naye ebiseera ebimu bwe kiba. Kitegeeza nti olina okuggyawo buli ekiri wakati wo ne Katonda, n'otambula naye Yekka. O, nga kwa mukisa, okussa ekimu okwo okulungi, okussa ekimu okwo kw'oba nakwo nga omaze okweyawula okuva ku bintu by'ensi n'abakkiriza ab'omubiri abakusekerera, n'otambula wekka ne Kristo!

39 Nga nneebazizza Katonda entakera! Yagamba nti, "Ndikuwa ba taata ne ba maama nga okyali mu nsi eno eriwo kati. Ndikuwa emikwano ne b'okolagana nabo. Era ssirikuleka, era ssirikwabulira. Ensi yonna ne bw'erikukuba amabega, Nze ndigenda naawe, okutuuka ku nkomerero y'olugendo."

40 Nga mukisa gwa maanyi nnyo, okuba nti omuntu alina okusoomoozebwa bwe kutyo okugoberera Mukama waffe Yesu, okweyawula okuva ku mikwano gye gyonna egy'omubiri, agoberere Mukama! Era omuntu yenna ssinga alabika nga teyeeyisa mu ngeri esaanidde, nga teyeeyisa nga Mukristaayo, wabula nga alulunkanira ebintu eby'omubiri, kisingako n'onoonyezaawo mukwano gwo omupya mangu ddala. Ky'ekyo. Era bwe watabaawo muntu yenna anaatambula naawe, waliwo Omu eyasuubiza okutambula naawe. Oyo, ye Mukama waffe Yesu ow'omukisa, Ajja kutambula naawe.

41 Katonda yagamba Ibulayimu nti, "Weeyawule." Naye Ibulayimu nga bwe yali omuntu, yatwala ne kitaawe, n'atwala ne mutabani wa muganda we, omujjwa; bonna n'agenda nabo. Era Katonda teyamuwa mukisa okutuusa lwe yakola ekyo Katonda kye yamugamba okukola.

42 Ssigamba nti toli Mukristaayo. Mu ekyo, ssigezaako kuggya bukristaayo ku muntu yenna. Naye kino kye ŋŋamba, nti

Katonda bw'abaako ekintu kyonna kye yakugamba okukola, talikuwa mukisa okutuusa nga okikoze. Nnyimiridde mu kituuti akawungeezi kano nga nnina ekimu ku bintu ebyo nga kinnengejjerako. Enkuŋŋaana zange tezibadde ekyo kye zandibadde, okumala emyaka ebiri egiyise. Kubanga nnayiwa Mukama. Yaŋŋamba nti, "Genda mu Afirika, oluvannyuma ogende mu Buyindi." Kiikino wano, kiwandiikiddwa wano wennyini, emabega w'Ekitabo kino, mu kaseera kano kennyini.

43 Maneja wange n'ankubira, n'aŋŋamba nti, "Abo bannansi b'omu maserengeta g'Afirika baleke. Ab'e Buyindi bakulinze."

44 Omwoyo Omutukuvu n'ansisinkana, n'aŋŋamba nti, "Oteekwa okugenda mu Afirika nga bwe nnakugamba."

45 Omwaka omulala ne guyitawo. Ba maneja . . . Okwolesebwa ne nkwerabira. N'agamba nti, "Tugenda Buyindi. Ttikiti z'entambula zaakolweddwako dda ziri wano."

46 Ne nsimbula, nga nneerabidde Okwolesebwa kuli okutuusa lwe nnatuuka mu Lisbon. Lumu ekiro, ku olwo, nnali ndowooza ŋŋenda kufa. Enkeera ne ngolokoka, ne ŋŋenda mu kinaabiro, okunaaba. O, nga nzenna ndi mulwadde nnyo, nga ssisobola yadde okuyimirira. Ŋŋenda okulaba, nga Ekitangaala ekyo kiri awo mu kinaabiro, ne muvaamu eddoboozi ne liŋŋamba nti, "Mbadde nti Nnakugamba nti, 'Sooka, ogende mu Afirika.'"

47 Enkuŋŋaana zange zibadde zigenda ziseebengerera mpola mpola okuva mu kiseera ekyo. Newankubadde nnagenda e Buyindi, ne tubeera n'abantu kyenkana emitwalo ataano, naye okwo tekwali kukola Katonda kye yali yaŋŋamba kukola. Era mpulira nga enkuŋŋaana zange tezirituuka ku buwanguzi buzisuubirwamu okutuusa nga nzizeeyo ne ntereeza ensobi eyo. Ne bwe nkola kiki kyonna, Afirika, y'ensonga ekulembedde, kubanga oteekwa okukikola. Ekigambo kya Katonda Ekitaggwaawo kiikyo, kiri awo. Kye nnali nnina okukola nnali nkimanyi bulungi. Naye nnina okuddayo nkitereeze. Era mpulira muli nti omwaka guno ogujja kye kiseera mwe nnina okwewalulira nve mu kisonko, nga Mukama annyambye.

48 Enjiri eno ey'ekitiibwa, ey'edda, ezze ekula bulungi nga egaziwa, nga omuvule, era nzikiriza nti kaakano egenda kugaziya amatabi gaayo. Nkikkiriza, Obubaka buno obw'amaanyi era ekintu kino eky'ekitalo, nzikiriza nga Mukama anaatuganya tubukozese tunyeenye ensi nate olw'ekitiibwa kya Katonda.

49 Oteekwa okukola ekyo Katonda kye yakugamba okukola. Naye Ibulayimu yagenda mu maaso, n'agenda n'abeŋŋanda ze. Yali abaagala. Ekyo kye kitundu eky'obuntu. Naye bwe waayitawo akaseera, eyo mu maaso, kitaawe yafa era n'amuziika. N'asigala n'omwana wa muganda we, ate ennyombo n'enkaayana ne bibalukawo wakati waabwe. Era, ku nkomerero

ya byonna, Lutti n'alondawo okugenda emmanga mu Sodoma. Era bwe weetegereza obulungi Ibulayimu, teyalwanagana na Lutti. Yamugamba kimu nti, "Tuli baaluganda. Tetuteekwa kukaayana. Naye ggwe yimusa omutwe gwo ogende yonna gy'oyagala okugenda. Bw'onaagenda ebuvanjuba, nze nja kugenda ebugwanjuba. Bw'onaagenda mu bukiikakkono, nze nja kugenda mu bukiikaddyo." Ogwo gwe mutima ogw'Ekikristaayo, beera mwetegefu okulekera munno afune ekisingako obulungi. Bulijjo muwe akakisa, omuleke alondewo nga bw'aba asiimye.

50 Naye lwaki? Kiki ekyaleetera Ibulayimu okukola ekyo? Yali akimanyi nti Katonda yali yamusuubiza nti mu buli ngeri, wonna y'alisikirawo. Amiina. Kale, n'olwekyo, oba tusula mu kasiisira oba mu maka amazimbe obulungi, lwaki tuba tweraliikirira? Ekintu kyonna kyaffe. "Balina omukisa abateefu kubanga balisikira ensi." Byonna byaffe. Bw'atyo Katonda bwe yagamba. N'olwekyo omuntu oyo muwe akakisa alondeko ekisingako obulungi, bw'aba ayagala. Weesanga kye kyokka ky'alifuna. Naye mmwe byonna byammwe, mmwe basika b'obulokozi okuyita mu kisuubizo. Byonna byammwe.

51 N'olwekyo, Saala, omukazi eyali asingayo obulungi mu nsi eyo, yatuula eyo ku ludda lw'akasozi ne bba era nga bwe kyali kimugwanidde okukola. Era bambi, ayinza n'okuba, yali ayambala ngoye za kapiira, oba kyonna kye mwagala okuziyita. Nga Muky. Lutti yeeyambalira nga nnaggagga. Era nga bba ye mmeeya w'ekibuga. Yali mulamuzi eyatuulanga ku wankaaki w'ekibuga. Mukazi we yalina buli kye yetaaga; era teyabulanga ku bubaga bwa kkaadi n'obw'abakazi abatunga obwabanga mu Sodoma ne Gomola. Naye Saala yasanyukira okubeera ne bba mu mbeera enkalubo, naye nga amanyi nti ali mu kwagala kwa Katonda, okusinga okunyumirwa obugagga, manya, okweyagalira mu bugagga obw'ekiseera obuseera. Bwe kiri. Awo Katonda w'akyalira.

52 Naawe, lumu, kakasa nti nga bw'olondawo okukwata ekkubo ekkyamu, lumu lirikuviiramu akabasa. Oyinza okulowooza nti bijja kukutambulira bulungi. Oyinza okulowooza nti ojja kumalako, naye tekiri nga bw'olowooza. Byonna biyinza okulabika nga ebikwekeddwa obulungi, naye tebikwekeddwa. Katonda amanyi buli kimu. Amanyi oba nga ddala ky'oyatula ky'otegeeza oba nedda. Amanyi oba nga ddala okitegeeza nti omukkiriza era walokoka, n'omusembeza, era nga wafa eri ebintu by'ensi, nga kati oli mulamu mu Kristo. Akimanyi.

53 Kati, tukiraba nti Ibulayimu, njagala mwetegereze omwoyo guno ogwa nnamaddala. O, ekintu kyonna eky'omukisa wano kye kisa. Njagala musome wamu nange kaakano okuva mu ssuula ey'e 14 ey'ekitabo ky'Okuva, mu kaseera katono.

54 Kati, ekintu ekyasookera ddala okubaawo nga batuuse emmanga eyo kyali nti, Lutti yagwa mu mitawaana. Lwaki? Yali bweru wa kwagala kwa Katonda. Kati ssinga ogwa mu mitawaana nga osangiddwa mu kwagala kwa Katonda, Katonda aba ajja kukuyamba okugivvuunuka. Naye ssinga ogwa mu mitawaana, nga osangiddwa nga oli bweru wa kwagala kwa Katonda, waliwo ekintu kimu kyokka ky'olina okukola, kwe kusooka n'oddayo mu kwagala kwa Katonda.

55 Kati, bakabaka bonna baali bakuŋŋaanye nga beeggasse wamu, oluvannyuma lw'okukizuula nti ensenyi ezo zaali zirimu amazzi, era nga basazeewo okuserengetayo bawambe obubuga buno Sodoma, ne Gomola, babwezze. Era baakikola. Era bwe baaserengetayo ne babiwamba, ne Lutti baamuwambiramu ne bamutwala.

56 Kati njagala mwetegereze Omwoyo wa Kristo wano eyali mu Ibulayimu. Kati mwetegereze olunyiriri olw'e 14.

> *Era* Ibulayimu *bwe yawulira nti muganda we*. . . (Mukifuna?) . . .*bwe yawulira nga baanyaga muganda we, n'agenda ne basajja be abaayigirizibwa okulwana, abaazaalibwa mu nnyumba ye, ebikumi bisatu mu kkumi na munaana, ne babagoberera okutuusa ku Ddaani.*

57 O, nga kirowoozo ky'amaanyi ekyoleka ekisa! Ibulayimu, muganda we, newankubadde yali yagwa okuva mu kisa, newankubadde yali mu mbeera eno ey'okugwa, bwe yawulira nti ensi yali emukutte, nga bamuwambye bamututte, bagenda kumusanjaga, Ibulayimu yakola nga akozesebwa Omwoyo wa Kristo. Yajja n'awa abasajja be bonna eby'okulwanyisa abaali baazaalibwa mu nnyumba ye, n'awondera abaali bamuwambye, n'abagoba okutuukira ddala ku Ddaani. Ate nga Ddaani bye bitundu ebiri ku nsalo ya Palestina, "Okuva ku Ddaani okutuuka e Beeruseba," okuva ku nsalo emu okutuuka ku ndala. Ekifaananyi kyennyini ekyoleka Kristo, bwe Yalaba nga ensi etutte. . . nga twagwa, Yawondera omulabe okutuukira ddala ku nkomerero, okusobola okukomyawo oluse lwa Adamu olwali lwagwa.

58 Njagala mwetegereze olunyiriri oluddako, engeri ennungi Omwoyo gy'ayogeramu wano okuyita mu ye. Kale, kati olunyiriri olw'e 15.

> *N'akomyawo* (byonna) *ebintu byonna, era n'akomyawo ne muganda we Lutti, n'ebintu bye, era n'abakazi, n'abantu.*

59 Ibulayimu bwe yawondera abalabe abaali bawambye muganda we, yabafubutulira ddala okuyita mu nsi eyo yonna, okutuuka e Ddaani, n'akomyawo ebintu byonna ebyali bimunyagiddwaako okuyita mu kugwa kwe.

60 Nga kifaananyi kirungi nnyo ekyoleka Kristo, Oyo eyawulira okuva mu Ggulu nti twali tubuze n'ajja n'awondera omulabe, okutuukira ddala mu ggeyeena, n'amuwambako emmeeme ezaali zaabula n'atukomyawo era n'atuzzaayo eri buli kimu kye twalina nga tetunnagwa! Ffe, abaali baagwa, abaali baazaalibwa nga tulina kubeera baana ba Katonda, kyokka ne tukyamizibwa ne tufuuka abaana ba ssetaani, ne tufuulibwa . . . ne tuyaayaanira ebintu by'ensi, ne twonoona, ne tululunkanira ebintu nga Lutti bwe yakola, nga tutunda obusika bwaffe ne tutwalibwa ebintu by'ensi. Kristo n'ajja ku nsi. Newankubadde twali twagwa; naye Katonda, nga bwe yali amanyi okuviira ddala ku lubereberye ani alirokoka ne ani atalirokoka, bw'atyo yakka wansi n'awondera omulabe okuyita mu bulamu, okuyita mu kufa, okuyita mu lusuku olw'okwesiima, okutuukira ddala mu ggeyeena. N'akwata olugendo olwo lwonna okuva mu Kitiibwa okutuuka mu ggeyeena, n'awamba a—amaanyi ga ggeyeena, n'akwakkulako ssetaani ebisumuluzo, n'azuukira, n'addiza abantu obusobozi, obw'okuddamu okubeera abaana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala.

61 Mulaba awo Omwoyo eyali mu Ibulayimu, Omwoyo wa Kristo nga ajja naye?

62 Kati njagala era mwekkaanye, nga bwe tweyongera okusoma.

> *Ne kabaka w'e Sodoma n'afuluma okumusisinkana, bwe yamala* okukomawo *ng'asse* kabaka ono *Kedolawomeeri, ne . . . bakabaka . . . abaali naye,* mu *kiwonvu Save kye kiwonvu kya kabaka.*

63 Baafuluma okumusisinkana. Kabaka w'e Sodoma yakomezebwaawo. Muganda we n'akomezebwaawo. N'abaana ne bakomezebwaawo. Era wano bakabaka ne bafuluma okumusisinkana. Era, ne wajja ne, kati wano we njagala okutuuka, obubaka bwange wano we buli. Mulabeeyo.

> *Ne—ne Merukizeddeeki kabaka w'e Ssaalemi* (Kabaka wa Yerusaalemi, Kabaka w'emirembe) *n'aleeta emmere n'omwenge: era ye yali kabona wa Katonda ali waggulu ennyo.*
>
> *N'amusabira omukisa, n'ayogera nti,* Ibulayimu *aweebwe omukisa Katonda ali waggulu ennyo, nnannyini ggulu n'ensi:*

64 Merukizeddeeki, Kabaka w'e Ssaalemi, naye yajja amusisinkane nga ne bakabaka bali abalala. Era mwekkaanye, olutalo lwali luwedde, Omwoyo wa Katonda eyali mu Ibulayimu, owa Kristo, eyali akomezzaawo muganda we eyali yagwa, n'amukomyawo mu mbeera ye entuufu mw'alina okuba, n'amuddiza na byonna ebyali bimunyagiddwaako. Byonna yali abikomezzaawo. Era bwe yamala okumukomyawo, n'Aleeta omugaati n'enviinyo, okusembera. Temusobola

kulaba Merukizeddeeki oyo yali Ani? Yali Katonda. Yaleeta eby'okukozesa mu kusembera, nga olutalo luwedde.

65 Kati era ka tubikkule, mu Matayo 26:26, mangu nnyo, tulabe kiki Yesu kye yayogera wano ku ekyo. Mu Kitabo kya Matayo, essuula ey'a 26 n'olunyiriri olw'a 26, twagala tubeeko ne kye tusomawo. Kale, Matayo 26:26.

> *Awo Yesu n'atuuka nabo mu kifo ekiyitibwa* Gologoosa, Gologoosa, manyanga, *Gesusemane,* (kye ntegeeza,) *n'agamba abayigirizwa* be *nti, Mutuule wano, ŋŋende eri* nsabe.

66 Ndabika Ekyawandiikibwa kye nsomye si ky'ekituufu. Matayo, olw'abiri-. . . olunyiriri olwa 26 olw'essuula ey'a 26. Bwe wabaawo alulabye, lunsomere, bw'oba—bw'oba olulabye. Mulindeemu katono. Kino kifaananyi kirungi. Ssaagala mukisubwe. Kiikino tukituuseeko. Oyo akifunye, mwannyinaffe.

> *Era baali bakyalya, Yesu n'atoola omugaati, ne yeebaza,* . . .

Kyali kiki? Olutalo lwali luwedde.

> . . .*n'agumenyamu, n'awa abayigirizwa* be*, n'agamba nti, Mutoole,* era *mulye; guno gwe mubiri gwange.*

67 Mulaba Merukizeddeeki oli? Emyaka bikumi na bikumi emabega, bwe Yasisinkana Ibulayimu, nga olutalo luwedde, Yagabula omugaati n'enviinyo. Ne wano Yesu wuuno awa abayigirizwa, nga olutalo Lwe oluzibu luwedde, Yabawa omugaati n'enviinyo. Mwetegereze. Mwetegereze Okujja okw'omu maaso.

> *N'atoola ekikompe, ne—ne yeebaza, n'abawa, ng'agamba nti, Munywe ku kino mwenna;*
>
> *Kubanga kino gwe musaayi gwange ogw'endagaano empya, oguyiika ku* . . . olw'ebibi *n'olw'okuggyawo ebibi.*
>
> *Naye mbagamba nti, Sirinywa n'akatono okusooka leero ku guno ogubala ku muzabbibu, okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa* obuggya *awamu nammwe mu bwakabaka bwa Kitange.*

68 Kaakano tuli mu lutalo. Tunoonya muganda waffe oyo eyagwa, Katonda gwe yalabirawo, nga n'ensi tennatondebwa, n'amuteekerateekera okufuna Obulamu Obutaggwaawo. Kyokka nga ebintu by'ensi byamuwamba ne bimusibira mu mbuyaga eyeebonga. Ali eyo mu bibiina eby'obuntu n'obubiina obutali bumu, ye ne mukyala we, batambula ku nguudo badda eno n'eri, bwe banywa omwenge ne ssigala n'okubinuka amasejjere, nga bagezaako okunoonya emirembe. Naye Omwoyo wa Kristo ali mu ffe, nga bwe Yali mu Ibulayimu, tugenda tumukomyewo. N'eby'okulwanyisa byonna ebya Katonda,

nga Bamalayika ba Katonda batwetoolodde wonna, tugenda tukomyewo muganda waffe oyo eyagwa.

69 Era ku nkomerero olutalo bwe luliba luwedde, tulisisinkana Merukizeddeeki nate, Katonda agulumizibwe, Oyo eyawa Ibulayimu omukisa mu kiseera kiri, n'amuwa omukisa, n'amuwa n'omugaati n'enviinyo, okusembera. Naffe olutalo bwe luliba luwedde, tulimusisinkana. Ffe abasika b'ekisuubizo kya Ibulayimu, abasikira awamu ne Kristo mu Bwakabaka, tulimusisinkana ku nkomerero y'olugendo, tuddemu, tulye omugaati tunywe n'enviinyo, olutalo bwe luliba luwedde.

70 Merukizeddeeki ono y'Ani? "Oyo ataalina kitaawe, ataalina nnyina, ataaliko ntandikwa wadde enkomerero y'obulamu." Alibaayo Eri okugabula okusembera nate. Mukifuna?

71 Bwe tubaako ebiro, bye tujja wano, bwe tukuŋŋaana awamu ne tusembera okuva mu mikono gy'abaweereza, nga twoleka nti tukkiririza mu kufa, okuziikibwa, awamu n'okuzuukira kwa Mukama waffe Yesu, nti eggigi liri, omubiri Gwe mwe Yekweeka, Katonda, tugulya, nga twoleka nti, "Twafa eri ebintu by'ensi, ne tuzaalibwa buggya Omwoyo." Era tutambula wamu n'Omubiri gwa Kristo, abakkiriza fenna awamu.

72 Olutalo olukulu bwe luliba luwedde, ne tuddamu ne tukomawo ne Kristo, tuliddamu, ne tulya naye okusembera mu Bwakabaka bwa Katonda; ne tulya ennyama, ne tunywa n'omusaayi gw'ezabbibu nate, mu Bwakabaka bwa Katonda. O! Oyo ye Merukizeddeeki. Ekyo kye Yali.

73 Kati leka tweyongere okumusomako wano, n'olunyiriri olw'e 18.

> *Ne Merukizeddeeki kabaka w'e Ssaalemi n'aleeta emmere n'omwenge:. . .*(Mukitegeera?)*. . .era ye yali kabona wa Katonda ali waggulu ennyo.*
>
> *N'amusabira omukisa, n'ayogera nti*, Ibulayimu *aweebwe omukisa, Katonda ali waggulu ennyo, nnanyini ggulu n'ensi:*
>
> *N'amusabira omukisa,. . .N'amusabira. . .*
>
> *Era Katonda ali waggulu ennyo atenderezebwe,* oyo *akugabidde abalabe bo mu mukono gwo. N'amuwa ekitundu* eky'ekkumi *ekya byonna.*

Yasasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki. Ibulayimu yamuwa ekitundu eky'ekkumi eky'omunyago gwe yali anyaze.

74 Kati njagala mwetegereze wano nga Pawulo bw'agenda mu maaso, nga bwe tuzimba omusingi olw'eky'okuyigako ekinnaddirira.

> *Kabaka w'e Sodoma n'agamba* Ibulayimu *nti*, *Mpa nze abantu, ebintu obyetwalire* ggwe.

Kati, kabaka w'e Sodoma n'agamba nti, "Kaakano, nziriza abantu bange, ggwe otwale omunyago gwo."

> Ibulayimu *n'agamba kabaka w'e Sodoma nti, Nnyimusizza omukono gwange eri* MUKAMA *Katonda ali waggulu ennyo,* . . .
>
> *El Elyon,* "nnannyini ggulu n'ensi," kye kitegeeza awo.
>
> . . . *Katonda ali waggulu ennyo, nnannyini* ggulu *n'ensi,*
>
> *Nga ndayira nti ssiritwala kaguwa newankubadde* akakoba k'engatto, . . .

Teyakola lukuŋŋaana lunene kukuŋŋaanya ssente mu bantu. Yali ayagala kimu kyokka kukomyawo muganda we eyali yagwa.

> . . . *newakubadde akantu konna k'olina, oleme okwogera nti,* Ibulayimu *mmugaggawazza*:
>
> *Wabula ebyo abavubuka bye balidde, n'omugabo gw'abasajja abaagenda nange,* . . .

75 Kati, njagala mwetegereze, Ibulayimu yagamba nti, "Ssiritwala yadde akawuzi newankubadde akaguwa k'engatto." Ekyamulwanyisa olutalo, si kufunamu ssente mpitirivu. Era entalo entuufu tezirwanibwa lwa bigendererwa bya kwegaggawaza. Entalo tezirwanibwa lwa kufunamu ssente. Entalo zirwanibwa lwa—lwa bigendererwa, lwa nnono. Abantu balwana entalo nga balwanirira nnono. Ne Ibulayimu bwe yagenda okukomyawo Lutti, ekyamutwala tekwali kuba nti yali amanyi nti yali asobola okukuba bakabaka abo n'abawangula n'abatwalako obugagga bwabwe, wabula yagendera ku nnono ya "kununula muganda we."

76 Na bwe kityo omuweereza yenna atumibwa nga aluŋŋamiziddwa Kabaka w'Eggulu okugenda okuweereza, tajja kugenda nga anoonya kukola ssente; era tajja kugenda nga aluubirira kuzimba makanisa manene, era tajja kugenda kulyowa bibiina bya madiini. Ajja kugenda nga ekimututte kimu kyokka, kwe, "Kukomyawo muganda we eyagwa." Oba mu kiweebwayo afunamu ennusu emu oba tafunamu yadde, tekirina kye kijja kukyusa gy'ali.

77 Era nga bwe ŋŋambye nti, "Entalo entuufu zirwanibwa kusinziira ku nnono so si kufunamu ssente." N'olwekyo abasajja n'abakazi abeegatta ku kkanisa ne bajja mu kkanisa, basobole okufuuka ab'ettutumu, mbu kubanga eyo ne ba *Joneses* gye basabira, oba ne bakyusa ekkanisa ne bava mu kkanisa entono ne bagende mu kkanisa ennene, ekyo mukikola lwa kigendererwa kya kweyagaliza nga mmwe naye nga emabega waakyo teriiyo kigendererwa kituufu. Oteekwa okuba omwetegefu okuyimirira wali wennyini ku mwanjo olutalo we luyindira.

78 N'ekkuŋŋaaniro lino wano, ebintu bwe bitabuka, mmwe abasajja nammwe abakazi ne mudduka ne mubaako awalala gye mugenda, oba ne musooka mwewogomako awantu awamu okutuusa nga enfuufu ebadde esiikuuse ekakkanye, obumanyirivu bwammwe buliko akabuuza. Bwe kiri.

79 Wano tulinawo ennono ze tugoberera. Tulina e—tulina enkola ennuŋŋamu gye tugoberera wano. Ekkanisa eno esimbiddwa ku nnono za Bayibuli. Wano bwe wabaawo omuntu yenna atatambula bulungi, era nga olowooza nti tatambula bulungi, genda gy'ali oyogere naye. Bw'olemwa okumutabaganya, genda n'ow'oluganda omulala, omu oba babiri. N'era bw'agaana okutabaganyizibwa, awo mukitegeeze ekkanisa. Era ekkanisa bajja kumugoba, balekere awo okussa ekimu naye. Era Yesu yagamba nti, "Kyonna kye mulisumulula ku nsi, Nange ndikisumulula mu Ggulu."

80 Eyo y'ensonga lwaki mulina emitawaana mingi nnyo, kubanga temugoberera nnono za Bayibuli. Bwe wabaawo omuntu aleeta akavuyo mu kkanisa, oba nga waliwo ekitatambula bulungi, ssi buvunaanyizibwa bwo okugenda nga oyogera ku musajja oyo oba omukazi oyo. Obuvunaanyizibwa bwo kwe kugenda eri omusajja oyo oba omukazi oyo, n'omugamba obukyamu bwe. Bw'agaana okukuwuliriza, nga ogenda n'omuntu omulala. N'oyo bw'agaana okumuwuliriza, nga ekkanisa emugoba. Yesu yagamba nti, "Kye mulisumulula ku nsi, Nange ndikisumulula mu Ggulu. Kye mulisiba ku nsi, Nange ndikisiba mu Ggulu." Ago ge maanyi g'ekkanisa.

81 Jjuuzi wano ebbanga ssi ddene, waliwo omubuulizi omulungi mukwano gwange, yalina mutabani we, era omutabani oyo yali asabira mu kkanisa, mu kkanisa y'omubuulizi oyo. N'atuuka ekiseera n'atandika okucakalanga n'akawala akaafuuwanga ssigala n'okunywa omwenge n'okwejeeguula katyo. Omubuulizi n'agamba nti, "Kasita y'abikola, kiri gy'ali." Yali muvubuka mukwano gwange nfiirabulago, era nga mulenzi mulungi. Naye yawubisibwa n'agwa mu mukwano ogw'ekito n'akawala; ate nga akawala kaali kaafumbirwako, nga ne bba waako gy'ali akyali mulamu. Kati bambi omubuliizi ono yali atya nti baali bagenda ku . . . nti mutabani we agenda kukawasa. Kale bambi, ow'oluganda ekintu ekyo ne kimutawaanya nnyo. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, njagala ogende eri mutabani wange *gundi*. Njagala oyogereko naye."

82 Ne mmugamba nti, "Owoluganda . . ." Kabuze kata njogere n'erinnya lye. "Olina engeri esingako ey'okukwatamu ensonga eyo. Totuma nze. Mutabani wo bw'aba tatambula bulungi, nga n'ekkanisa eraba ebikyamu by'akola, kati obwo buvunaanyizibwa bwa kkanisa okugonjoola ensonga eno. Eyo ensonga eri mu mikono gya kkanisa. Era ekkanisa be basaanye okugenda gy'ali boogere naye."

83 Kye yava afuna ow'oluganda, ne bagenda ne boogera n'omuvubuka. Omuvubuka n'akaayuukira ow'oluganda, n'amugamba nga bw'akola ebibye nga omuntu, nti naye afe ku bimukwatako. N'atwalayo ow'oluganda omulala, ab'oluganda abalala babiri, abadiikoni babiri ne bagenda ne boogera n'omuvubuka. Omuvubuka nabo n'agaana okubawuliriza. Ensonga ne bagitegeeza ekkanisa. Ne wayitawo ennaku eziwerako, era n'atajja kutabaganyizibwa na kkanisa ekibi kye bwe kyali kimaze okutegeezebwa eri ekkanisa. Ku nkomerero ya byonna, ekkanisa n'emugoba.

84 Ne wayitawo omwezi nga gumu n'akwatibwa lubyamira n'amukuba ku ndiri, omusawo eyali amujjanjaba n'agamba nti, "Talina kakisa konna ka kulama." Bwe yatuuka mu mbeera eyo ne yeewalula n'akomawo. Katonda amanyi engeri y'okukikolamu.

85 Ffe tugezaako okukikola ku bwaffe, "Ah, *Gundi* oyo osaanye omugobe mu kkanisa. Osaanye okole *kino, ekyo* oba *kiri*." Naye mutuukkirizza obuvunanyizibwa bwammwe nga ekkanisa mu nsonga eyo? Ky'ekyo. Eyo y'engeri y'okubaleetera okwewalula bakomewo, mubaweeyokko eri ssetaani omulundi gumu bwe guti.

86 Pawulo ayogera ki ku musajja ono eyali yeebaka ne muka kitaawe? Baalemwa okumutabaganya. N'abagamba nti, "Mumuweeyo eri ssetaani." Mulabe ekinaddirira. Era mu bbaluwa eyaddako Pawulo gye yawandiika, omusajja ono yali yatereeza obulamu bwe. Mazima ddala. Katonda alina engeri gy'akolamu ebintu bino, ssinga tugoberera ebiragiro Bye.

87 Bwe wabaawo ekikyamu mu kkanisa, bwe kiba mu kibiina, buli omu ku mmwe ab'oluganda. Bwe kiba mu kakiiko k'abadiikoni, nga waliwo omu ku mmwe abadiikoni atatambula bulungi, abadiikoni abasigadde mukuŋŋaane wamu mubeere n'olukiiko, mugezeeko okutabaganya ow'oluganda oyo, mumubuulire by'akola; oba omu ku mmwe bammemba, kyonna ky'oli. Mumubuulire ensobi ye agitegeere. Bw'agaana okugitereeza, mujje mutegeeze omusumba. Bw'asukka awo, nga agobwa mu kkanisa, era nga abeera mukafiiri era munnaggwanga gye muli. Ekyo bwe mukikola mulindirire mulabe Mukama bw'agenda okumukolako. Mukiraba, awo w'ajja okwekubira mu kifuba ategeere ensobi ye. Awo w'ajja okukomawo nga yeewalula. Naye kati tugezaako okukikola nga ffe, omanyi, ne tugezaako okukola . . . buli kimu nga bwe tusaanye okukikola, kati, naye tetukifunamu buwanguzi.

88 Kati, Merukizeddeeki ono, Kabaka w'e Ssaalemi, Omulangira, Kabona w'Oyo ali Waggulu ennyo, yasisinkana Ibulayimu n'amuwa omukisa. Ne Ibulayimu, n'amuwa ekimu eky'ekkumi. Era Ye yali Kabaka w'e Ssaalemi. Era Yaleeta

omugaati n'enviinyo, okusembera, n'abiwa Ibulayimu olutalo bwe lwali luwedde, nga abasajja bakomezeddwaawo.

89 Kati, "Entalo zonna," nga bwe ŋŋambye, "zirwanirwa ku nnono." Kati bwe muba n'olutalo olutonotono mu kkanisa, lulina okwesigama ku nnono entuufu. Muteekwa okuba nga kye mulwanira kintu ekituufu. Era buli mmemba w'ekkanisa ekyo ky'ateekwa okukola. Kati, okuyigiriza kuno kwa kkanisa. Eyo y'ensonga lwaki tuli wano. Y'ensonga lwaki nnyimiridde wano. Ky'ekigendererwa ky'Ekigambo kya Katonda, kiragirizibwa eri kkanisa.

90 Temuganyanga ekintu kyonna okuziyiza ekkanisa eno. Bwe mulikikola, omusango mmwe be gulisinga, buli omu ku mmwe. Nammwe, abava mu makanisa ag'enjawulo, mu kkanisa yammwe bwe mubaamu ekintu kyonna ekikyamu, omusango ye mmwe be gusinga, kubanga mmwe balabirizi b'ekkanisa eyo. Omusumba si y'avunaanyizibwa. Akakiiko k'abadiikoni si ke kavunaanyizibwa. Ye ggwe avunaanyizibwa, ggwe ssekinnoomu, ye ggwe avunaanyizibwa okugenda eri ow'oluganda oyo olabe oba nga osobola okumutabaganya. Bw'agaana, genda n'abalala babiri oba basatu, muddeyo gy'ali. Nabo bw'atabawuliriza, nga mukitegeeza ekkanisa. Olwo nga agobebwa mu Bwakabaka bwa Katonda. Katonda yagamba nti, "Bwe munaamugoba eyo, Nange Eno nja kumugoba, bwe munaaba mugoberedde enkola eno." Awo Ajja kumuyimbulira ssetaani olw'okuzimba . . . olw'okuzikirizibwa kw'omubiri ggwe. Olwo alyoke akomewo. Bwe kiri. Eyo y'engeri y'okumukomyawo. Bw'aba mwana wa Katonda, ajja kukomawo. Bw'aba si ky'ali, era—era, ajja kugenda mu maaso, era ssetaani akomekkereze nga amusindise mu kifo kye gy'alimala emirembe gye Egitaggwaawo.

91 Kati, ekigendererwa nayo nsonga nkulu. Bwe mumala gakikola ku muntu yenna gwe musanze, ekyo kiba kirala. Naye, kijja kukola ku muntu nga ddala gumusinga! Kati Lutti yali yagenda n'asenga emmanga eyo era nga yagwa, newankubadde nga yali Mwebbulaniya. Yagenda n'asenga emmanga eyo era n'agwa. Yali mu kisa, naye n'agwa n'akivaamu. Era bwe yafuluma . . . Kati Lutti—Lutti yali mulokole. Tolowoozanga nti Lutti teyali mulokole. Yali mulokole. Kubanga, ebbanga lyonna lye yamala nga abeera mu kifo ekikyamu, Bayibuli egamba, nti, "Ebibi by'e Sodoma byanakuwazanga emmeeme ye entuukirivu entakera." Kati, weewaawo omubiri gwe gwakolanga ekikontana n'emmeeme ye. Naye enkomerero ye yali etya? Yayongera kuleeta kivume. Mukyala we yakyuka n'afuuka empagi y'omunnyo. Ye kennyini n'akomekkereza nga azadde mu bawala be. Kale, mulaba ekivume ekyavaamu, kubanga yagwa n'ava mu kisa n'alemererwa okwezza obuggya. Era Katonda yalina okumuggya ku nsi.

92 Naye, era, yali waluganda eyagwa, era Ibulayimu yakola kyonna kye yali asobola okumukomyawo. Era Omwoyo eyali

mu Ibulayimu, ye Mwoyo wa Kristo ali mu kkanisa leero. Ow'oluganda k'abeere nga yakola ki, ojja kukola kyonna ky'osobola okumukomyawo mu kussa ekimu kwa Kristo nate. K'abeere nga yakola ki, ojja kugezaako nnyo nga bwe kisoboka.

93 Kati, twagala twekkaanye wano eno, nga bwe tugenda mu maaso n'eky'okuyigako kino ekikwata ku Merukizeddeeki ono, Kabona ono omukulu ow'e Ssaalemi, era nnannyini Ggulu n'ensi. Kati, ekisooka:

> *Atalina kitaawe, atalina nnyina, atalina bajjajjaabe, atalina lunaku lwe yasookerako, newakubadde* enkomerero *y'obulamu; naye eyafaananyizibwa Omwana wa Katonda; abeera kabona ow'olubeerera ennaku zonna.*

Kati mulabeeyo. Si ye yali Omwana wa Katonda, wabula Yali Katonda eyatonda Omwana. Merukizeddeeki, si ye yali Omwana wa Katonda, wabula Ye yali Kitaawe w'Omwana wa Katonda.

94 Kati, omubiri guno gwe Yalina, Yagutonda butonzi. Tegwazaalibwa mukazi. N'olwekyo nga ali mu mubiri ogwo gwe yatonda obutonzi, Yali tasobola . . . Gwali mubiri gwe Yeekolera, Ye mwene, Asobole okwebikkula nga ayita mu gwo.

"Tewali muntu asobola kulaba Katonda n'omulundi n'ogumu. Katonda mwoyo." Amaaso ag'obuntu tegasobola kulaba bintu ebyo, okuggyako bwe biba mu nkula nga ey'Empagi y'Omuliro, oba kyonna kye kyali, oba mu nkula ey'ekitonde omuntu ky'alaba okuyita mu kwolesebwa. Naye . . . Katonda ateekwa okubaako engeri emu mwe Yeebikkulira. Era Katonda Yeebikkulira Ibulayimu, mu nkula ey'omuntu. Yeebikkulira Musa, mu nkula ey'omuntu. Yeebikkulira abaana ba Isiraeri, mu nkula ey'Empagi y'Omuliro. Yeebikkulira Yokaana Omubatiza, mu kifaananyi eky'ejjiba. Mukiraba, Yeebikkula mu nkula ezo ez'enjawulo.

Ne wano bwe Yali Yeebikkula mu nkula ey'Omuntu, nga Kabaka w'e Ssaalemi; owa Yerusaalemi; si Yerusaalemi eky'oku nsi, wabula Yerusaalemi eky'omu Ggulu. Eyo y'enkula gye Yeebikkuliramu. Yakolebwa nga "afaananyizibwa nga" Omwana wa Katonda.

95 Kati, Omwana wa Katonda yalina okujja ng'ayita mu kuzaalibwa omukazi, okusobola okutondebwa wano; ng'ayita mu nda y'omukazi, kubanga n'okufa kwayita mu kkubo lye limu eryo.

96 Ate Yali tayinza kujja nga atondeddwa butondebwa nga Katonda bwe yakola ku lubereberye. Katonda bwe yakola omuntu ku lubereberye, okutonda okwo omukazi teyakulinaamu mukono. Katonda yayogera bwogezi nti, "Leka wabeewo," omuntu n'atondebwa okuva mu nfuufu. Yamuyita n'abaawo, nga tamaze kweyambisa mukazi nga ekibya. Naye, omukazi, mu kiseera ekyo yali mu musajja.

97 Era oluvannyuma Katonda yasowola omukazi okuva mu lubiriizi lwa Adamu. Si bwe kiri? Kati okuva awo ate omukazi n'agenda mu maaso n'azaala abantu okuyita mu kwegatta n'omusajja. N'olwekyo engeri yokka Katonda gye yali ayinza okukikolamu . . . Yali tayinza kujjira mu mubiri guli ogw'enkula ey'omwoyo. Yali tayinza kujja nga Merukizeddeeki. Yalina kujja nga Muntu, era yalina kuyita mu mukazi. "Ezzadde lyo liribetenta omutwe gw'omusota, n'omutwe gw'omusota gulibetenta ekisinziiro Kyo." Mukifuna? Katonda yalina kujja nga ayita mu mukazi; era Yakikola, bwe Yatuula mu mubiri Gwe ogw'Omwana We, Kristo Yesu. "Katonda yali mu Kristo, nga atabaganya ensi okugizza gy'Ali." Era n'Awaayo Omusaayi Gwe Ye nga ssaddaaka. N'awaayo n'Obulamu Bwe, kibeere nti okuyita mu mukutu ogw'okufa, Asobole okukulokola ofune Obulamu Obutaggwaawo.

98 N'olwekyo eyajja mu kiseera kiri yali Katonda, era Yafaananyizibwa "nga" Omwana wa Katonda. Mukiraba? Yali Muntu eyafaananyizibwa *nga* Omwana wa Katonda. Kati, tayinza kuba nti ye Mwana wa Katonda, kubanga ono Omusajja ye Taliiko ntandikwa na nkomerero.

99 Omwana wa Katonda yalina entandikwa, era Yalina enkomerero. Yalina e—ekiseera lwe Yazaalibwa, yalina n'ekiseera lwe Yafa. Yalina byombi entandikwa n'enkomerero. Yalina kitaawe ne nnyina.

100 Ono Omusajja teyalina kitaawe newankubadde nnyina, teyalina ntandikwa yadde enkomerero y'ebiseera. Naye Yakolebwa, Omusajja ono, Merukizeddeeki, yakolebwa *n'afaananyizibwa* Omwana wa Katonda.

101 Kati, Omwana wa Katonda, bwe Yajja mu nsi, mu nkula ey'omukazi, manyanga, okuyita mu kuzaalibwa omukazi, mu nkula ey'omuntu, n'attibwa, yazuukizibwa ku lunaku olw'okusatu, nga azuukira olw'okuggyibwako omusango kwaffe, era kati Ye mulamu emirembe gyonna. Era kasita omubiri ogwo guba nga mulamu, naffe tubeera balamu. Era kubanga Yazuukira okuva mu ttaka, naffe tulizuukizibwa mu kifaananyi Kye. Ebyo by'ebigambo by'Enjiri. Erinnya lya Mukama waffe lyebazibwe. Tetuliba Bamalayika, tetuliba bitonde ebisukkulumye ku by'obutonde, tetuliba na byoya kubuuka kudda eno n'eri, wabula tuliba basajja n'abakazi, amiina, tuliyimirira mu ndabika Ye. Yee, ssebo.

102 Nga bwe ntera okwogera kino, ne ku mulundi guno ka nkiddemu. Kirabika nga wano kijja kukola bulungi amakulu. Nnali nsanirira, obuviiri buno obutaano oba omukaaga bwe nkyasigazza ku mutwe. Mukyala wange n'aŋŋamba nti, "Billy, ogenda omera ekiwalaata."

103 Ne mmugamba nti, "Naye zonna tekuli n'olumu lwe nfiiriddwa."

104 N'ambuuza nti, "Ziri ludda wa?"

105 Ne mmugamba nti, "Mbuulira gye zaali bwe nnali ssinnazifuna, nange nnaakubuulira gye zinnindidde." Bwe kiri.

106 Nnaliko o—omulwanyi, omukubi w'ebikonde. Nnalina amaanyi n'ekiwago. Nga mpulira, osobola n'okuntikka ekizimbe ky'ekkanisa eno ku mugongo, ne nkyettika ne nkiserengesa emmanga. Naye nkubuulira, kati buli lwe nzuukuka ku makya, mpulira nga ddala waakayitawo emyaka amakumi ana n'omusobyo okuva mu kiseera kiri. Okiraba? Ssikyali nga bwe nnali luli. Amaanyi gagenda ganzigwamu, buli olukya. ŋŋenda ne ntunuulira emikono gyange muli ne ŋŋamba, "Bannaaye. Eky'amazima, ŋŋenda nkaddiwa." Ntunuulira ebibegabega byange. Ndaba nga nneeyongedde okugejja. Omusipi nneesibanga gwa sayizi abiri mu munaana. Naye ennaku zino nneesiba gwa asatu. Okiraba, ŋŋenda nkaddiwa, ngejja, nzigwaamu obulamu.

107 Naye kiva ku ki? Nkyalya ebintu bye bimu bye nnalyanga. Mbeera mu bulamu obuyonjo okusinga bwe nnabeerangamu luli, kintu kye kimu. Naye Katonda alina ekiseera kye yangerera, era nteekwa okukituukako. Naye ekirowoozo eky'omukisa kiri nti, ku lunaku luli, Alinzuukiza nate. Era buli kimu kye nnali ku myaka abiri mu etaano, ndiddamu ne nkibeera emirembe gyonna. Amiina. Ky'ekyo. Okukaddiwa kuntiisaako ki? Ssetaani mmumezze ku nsonga eyo okumala emyaka n'emyaka, nga mmanyi kino, nti nzikiriza Mukama. Ndaba, n'akaseera ke tumala nga tuli wano, nako katono nnyo. Ne bwe tuwangaala ne tuweza emyaka ensanvu, emyaka nsanvu nga tuli balamu, ekiseera kye twasuubizibwa okuwangaala, egyo—egyo girimu makulu ki okuggyako ennaku n'obuyinike obwereere? Girimu makulu ki? Osobola okulondawo okusigaza omubiri guno ogujjudde endwadde ne weefiriza guli ogw'ekitiibwa oguli emitala eri?

108 Naye, Erinnya lya Mukama lyebazibwe! Lumu munda mu nze mulimu ekintu ekyasisinkana Merukizeddeeki oyo, n'Ayogera emirembe gyendi n'Ampa n'Obulamu Obutaggwaawo. Era obulamu buno tebulina makulu gonna gyendi okuggyako okuba ensiisira mwe nsinziira okubuulira Enjiri. Kino nkyogera n'obwesimbu bwonna, nga Bayibuli zino ebbiri zibikkuddwa mu maaso gange. Katonda wange bw'aba nga amalirizza nange mu kunkozesa okubuulira Enjiri, nga sirina kirala kye nsigazza kumukolera, nga abaana bange bakulu basobola okwerabirira, n'Ayagala antwale mu kaseera kano kennyini ekyo kiri, "Amiina," ekyo kimala. Yee, ssebo.

109 Kikola njawulo ki oba ndi wa myaka kinaana oba wa abiri? Ndi wano lwa kintu kimu kyokka: kuweereza Mukama. Kye kyokka. Bwe ndiba nkyasobola okubuulira Enjiri ku myaka kinaana, nga bwe ngibuulira kati, kikola njawulo ki oba nnina

emyaka ana oba kinaana? Akawungeezi kano waliwo abasajja bangi ab'emyaka ekinaana. Naye waliwo abaana abato bangi abajja okufa, kyokka omusajja ow'emyaka ekinaana awangaale okubasinga. Kati kikola njawulo ki? Ekikulu bye bigendererwa byo, n'ennono kw'otambulira, ate tuli wano kuweereza Mukama waffe Yesu. Kye kyokka.

110 Nga tumanyi kino, nti, "Obulamu buno mukka bukka omusajja omu gw'ayogerako; ogubaawo mu kaseera akamu, ate ne guggwaawo." Naye bwe tuba n'Obulamu Obutaggwaawo, Katonda yasuubiza nti Alituzuukiza nate. Era tulisembera ku mmeeza Ye wamu naye ebiro bwe biriba bikomye, w'Aligambira nti, "Muyingire mu ssanyu lya Mukama wammwe, eryabategekerwa okuviira ddala ku kutondebwa kw'ensi."

111 Kati kikola njawulo ki wano, oba tulina ekintu kyonna oba tetulina? Oba tuli bato oba tuli bakadde, kikola njawulo ki? Ekikulu kiri kimu kyokka, weetegese okumusisinkana? Omwagala? Osobola okumuweereza? Weekutula ku bintu by'ensi? Wali osisinkanye Merukizeddeeki kasookedde lutalo luggwa?

112 Katonda yeebazibwe! Mu kiseera ekimu, ku myaka nga abiri mu gumu, nnali nnwanagana ne *kino*, n'*ekyo*, ne *kiri*. Nga nnemeddwa okusalawo oba njagala kubeera mukubi wa bikonde, oba njagala kubeera mutezi wa bisolo, manyanga muyizzi, nga ssimanyi kiki kyennyini kye njagala kubeera. Naye nnasisinkana Merukizeddeeki, era n'Ampa okusembera, era okuva ku olwo byonna byagonjoolwa emirembe gyonna. Aleruuya! Nnasala ne nzira ku ludda Lwe. Era mbaddenga mu kusagambiza olugendo lwonna. Era bwe ndituuka ku nkomerero y'olugendo, ne ngasimbagana n'okufa, okusinziira ku bwe mpulira kaakati, ssirikutya. Nditambula, njagala ntambule nkweŋŋange, nga mmanyi kino nti, mmanyi Oyo Eyakola ekisuubizo, weewaawo, nti mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe. Bw'Alimpita okuva mu bafu, ndibavaamu. Bwe kiri, nga mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe. Kikola njawulo ki, oba ndi mukadde oba ndi muto? Oba ndi mutono oba ndi munene? Oba ndi mukkufu oba ndi muyala? Oba nnina we nzisa omutwe oba ssirina?

113 "Ebinyonyi birina ebisu, n'ebibe birina obunnya, naye Omwana w'omuntu talina kifo w'assa mutwe Gwe," naye Ye yali Kabaka ow'Ekitiibwa.

114 Tuli bakabaka era bakabona akawungeezi kano. Kikola njawulo ki oba tulina oba tetulina? Kasita tuba nga tulina Katonda, tuli bawanguzi n'okukirawo. Tuli bawanguzi n'okukirawo. Tutuula mu Kubeerawo kwa Katonda, mu kussa ekimu okw'Omwoyo Omutukuvu, nga tufuna okusembera Okw'omwoyo okuviira ddala mu ngalo z'Oyo eyagamba nti, "Nze Oyo eyali afudde, naye ndi mulamu nate, era Ndi mulamu

emirembe gyonna." Nga tutudde wamu mu bifo eby'omu Ggulu mu Kristo Yesu. O, Erinnya Lye Ettukuvu lyebazibwe! Kikola njawulo ki?

> Oba nnina ka weema oba nnyumba ennene,
> nfaayo ki?
> Banzimbira olubiri emitala Eri!
> Olwa luulu ne alimansi, ne ffeeza ne zzaabu,
> Amawanika Ge gabooze, Alina obugagga
> obutayogerekeka.

115 Nnamusisinkana lumu bwe nnali nva mu lutalo. Engule zange zonna nnazissa wansi. Ssiddangamu kulwana lutalo lulala okuva ku olwo; y'Azinnwaanira. Mpummulira buwummulizi ku kisuubizo Kye, nga mmanyi kino, nti mmumanyi mu maanyi ag'okuzuukira Kwe. Ekyo kye kisinga obukulu. Kiki ekirala ekikulu?

116 Ddala tuyinza kukola ki? Okweraliikirira kusobola okukwongerako obuwanvu yadde akatono bwe kati? Ofaayo ki oba enviiri zo za mayengo, oba nazo zennyini ozirina oba nedda? Kikola njawulo ki? Oba oli mukadde, oba olina envi, oba obubegabega bukusongodde, oba ebyo byonna tobiri, kikola njawulo ki? Amiina. Bino biriwo lwa kaseera buseera, akaseera akatono, naye Kiri kyo kya mirembe na mirembe. Era obwesedde n'obwesedde bw'ebiseera bwe bulyekulungula, ne wayitawo emirembe n'emirembe, tolikyuka, okuyita mu mirembe Gye egitakoma era Egitaggwaawo. Kikola njawulo ki?

117 Ndi musanyufu nnyo okuba nti nnamusisinkana. Ndi musanyufu nnyo okuba nti, lumu Yangabula okusembera, Merukizeddeeki oyo y'omu eyasisinkana Ibulayimu nga ava okutta bakabaka. Mazima ddala. "Katonda w'Eggulu," oyo *El Elyon*; oyo "NDI" ow'ekitalo, si Nnali; wabula NDI, ekiseera eky'obuliwo. "Era n'Amusabira omukisa."

118 Muwulirize wano nga bwe tweyongera mu maaso, tusobole okweyongera okutegeera eky'okuyigako kino. Kati olunyiriri olw'oku 4.

Kale mulowooze omuntu oyo bwe yali omukulu, . . .

Ekyo, nange kye ndowooza. "Mulowooze ku Muntu ono nga bwe yali ow'ekitalo." Asukkuluma ku kubeera Omwana wa Katonda. Omwana wa Katonda yalina kitaawe ne nnyina; Ye teyabalina. Omwana wa Katonda yaliko entandikwa y'ebiseera n'enkomerero y'ebiseera; Ye teyabirina. Yali ani oyo? Oyo ye yali Kitaawe w'Omwana. Ekyo kye Yali.

> *. . . mulowooze omuntu oyo bwe yali omukulu, e . . .*
> *ne Ibulayimu jjajja omukulu gwe yawa ekitundu*
> *eky'ekkumi ekya byonna ku munyago.*

119 Kati muwulirize bulungi.

N'abo ab'omu baana ba Leevi, abaaweebwa obwakabona, ba. . . amateeka gabalagira okusolozanga ebitundu eby'ekkumi *mu bantu be, baganda baabwe, newankubadde nga bo* baava *mu ntumbwe za Ibulayimu:*

120 Kati wekkaanye kino bw'oba oyagala okubaako ne ky'olaba.

Naye oyo atabalibwa mu. . . mu kika kyabwe asolooza *eby'ekkumi ebya Ibulayimu, n'asabira omukisa nnannyini* kisuubizo.

121 Ibulayimu yalina ekisuubizo, era Omusajja ono yawa Ibulayimu omukisa eyalina ekisuubizo. Yali ani ono? Abaana ba Leevi baasasulanga ekimu eky'ekkumi eri baganda babwe manyanga. . . Baganda baabwe baabasasulanga ekimu eky'ekkumi. Baalina ekiragiro kya Mukama ekyabakkirizanga okusasulwa ekimu eky'ekkumi okuva ku ebyo baganda baabwe bye baakolanga, okusobola okwebeezaawo, kubanga be baali bakabona. Kati, ekyo, awo wennyini, kiggyawo kiri eky'okugamba nti Merukizeddeeki bwali bwakabona. Kale. Naye Omusajja ono. . . N'oyo yennyini eyalina ekisuubizo, omusajja eyali asingayo okuba ow'ekitalo ku nsi, Ibulayimu, yasisinkana Omusajja ono n'amusasula ekimu eky'ekkumi. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Yalina okuba nga mukulu okumusinga.

122 Muwulirize.

Naye tekyegaanika n'akatono omuto yasabirwa omukulu omukisa.

Mazima ddala. Mwekkaanye yali Ani Oyo.

Era mu ekyo abaweebwa ebitundu eby'ekkumi be bantu abafa;. . .

Obwo bwe bwakabona obutwaliramu bakabona n'ababuulizi, n'abalala. Abasajja abaweebwa ekimu eky'ekkumi, bantu abafa. Mukiraba?

. . . *naye* wano *abiweebwa, y'oyo ategeezebwa nga mulamu.*

123 Kati ddala lwaki omuntu aba asolooza ekimu eky'ekkumi, bw'aba nga alina. . . Bw'aba nga teyazaalibwa, era nga talifa, nga yaliwo okuva ku lubereberye okutuuka ku nkomerero, era—era nga talina kitaawe yadde nnyina yadde bajjajjaabe, nga ye nnannyini Ggulu n'ensi ne byonna ebigirimu, lwaki aba asolooza ekimu eky'ekkumi? Lwaki aba agamba Ibulayimu okusasula ekimu eky'ekkumi? Mulaba lwaki ekimu eky'ekkumi kiteekwa okusasulwa? Kituufu okuwa ekimu eky'ekkumi. Buli Mukristaayo avunaanyizibwa okusasula ekimu eky'ekkumi. Bwe kiri. Tekikyukanga.

124 Kati:

Era nnyinza n'okwogera bwe nti, ne Leevi, eyaweebwanga ekimu eky'ekkumi *naye yawaayo ekimu eky'ekkumi okuyitira mu Ibulayimu.*

125 Kati, ha, wano we wali ekinyusi.

Kubanga yali akyali mu ntumbwe za jjajjaawe, Merukizeddeeki bwe yamusisinkana.

126 Kiki? Leevi? Ibulayimu yali jjajja wa jjajja wa kitaawe wa Leevi. Era Bayibuli egambye wano, nti, "Leevi yasasula ekimu eky'ekkumi bwe yali akyali mu ntumbwe za Ibulayimu." Nga akyabuzaayo emigigi ena ajje ku nsi, yali asasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki. Erinnya lya Mukama lyebazibwe!

127 Kati, nga osanga mmwe abatakkiririza mu kuteekerwateekerwa, manyanga okumanyirawo; nga wano, nga ekyabulayo emigigi ena Levi ave mu ntumbwe za Ibulayimu, yali asasula ekimu eky'ekkumi eri Merukizeddeeki. Nnyabula kino ssinga tubadde n'obudde ne tukwata ku Byawandiikibwa ebikyogerako.

128 Ssinga okijulizaako mu Yeremiya 1:4, Katonda yamugamba nti, "Nnakumanya bwe wali tonnabumbibwa mu lubuto lwa maama wo. Era Nnakutukuza ne nkwawula okuba nnabbi eri amawanga." Kati kiki ky'oyinza okugamba nti ggwe wakikola? Kiki kye nnyinza okugamba nti nze nnakikola? Katonda y'asaasira. Katonda yatumanya nga n'ensi tennabaawo.

129 Tayagala muntu yenna kuzikirira. Nedda n'akatono. Naye bw'Aba ye Katonda, Yamanya ani alirokoka ne ani atalirokoka, bwe kitaba bwe kityo tewali kye Yali amanyi. Bwe kiba nti Teyamanya . . . Bwe kiba nti Teyamanyirawo ani aligenda mu Kukwakkulibwa, nga n'ensi tennaba kutondebwa, kitegeeza si Ye Katonda. Bw'Aba nga taliiko kkomo mu kumanya, kitegeeza Ya . . . Yamanya buli nkukunyi, buli nsowera, buli nsekere, buli nvunza, eyali ey'okubeera ku nsi, nga n'ensi tennatondebwa. Ddala bwe kiri. Yali amanyi ebintu byonna. Ensi bwe yali tennatondebwa, Yali atumanyi. Bayibuli egamba, nti, "Yatumanya era n'atuteekerateekera."

130 Kino leka tukittaanyize ddala lumu. Ka tuddeyo mu Abaefeso, essuula 1. Essuula ey'oku 5-. . . Essuula 1 ey'Abaefeeso, katono nnyo. Nnina kye njagala okusoma okuva awo, mutegeerere ddala nti si kintu kye ngezaako okubagamba nga nze. Wabula kintu Katonda ky'agezaako okubagamba. Mukiraba? Kati kino mukiwulirize, n'obwegendereza, essuula 1 ey'Abaefeeso.

Pawulo, omutume wa Yesu Kristo olw'okwagala kwa Katonda, . . .

Omusajja y'omu eyawandiikira Abaebbulaniya ebbaluwa, y'omu y'awandiika n'ebbaluwa eno.

. . . eri abatukuvu . . .

Kino tekiragirizibwa eri batakkiriza, wabula kigenda eri abatukuvu, abaatuku- . . . abaafuuka abatukuvu.

. . . abali mu Efeso, n'abakkiriza mu Kristo Yesu:

Ekisa kibeerenga gye muli, n'emirembe, ebiva eri Katonda Kitaffe, ne Mukama waffe Yesu Kristo.

Yeebazibwe Katonda Kitaawe wa Mukama waffe Yesu Kristo, atuwadde *buli mukisa gwonna ogw'omwoyo mu bifo eby'omu ggulu . . .*

"Nga bwe Ya . . ." Kati, muwulirize n'obwegendereza kaakano, olunyiriri olw'oku 4.

Nga bwe yatulondera ffe mu ye ng'ensi tennaba kutondebwa, . . .

Ba "ffe" be b'ani awo? Ye Kkanisa.

. . . yatulondera *mu ye* (Kristo) *nga tennatondebwa,* ensi, *ffe okubeera abatukuvu abatalina kabi mu maaso ge mu kwagala:*

Bwe yatwawula edda okumufuukira abaana ku bwa Yesu Kristo, nga bwe yasiima olw'okwagala kwe Ye,

131 Ani yakikola? Katonda ye yakikola. Katonda yamanyirawo okuviira ddala ku ntandikwa ani alirokoka ne ani atalirokoka. Weewaawo, Yali tayagala wabeewo n'omu azikirira. Naye Teyasindika Yesu kujja wano kugezaako alabe oba nga o— onaagamba mbu, "Bambi, Yesu wattu, bambi mmusaasidde. Oba oli awo ka ndokoke aleme kuba nti yafiira bwereere." Nedda, ssebo.

132 Katonda yamanyirawo ku ntandikwa ani alirokoka ne ani atalirokoka. Kale, n'olwekyo, Yakimanya nti waliwo abalirokoka, kye Yava atuma Yesu aweeyo omutango ku lw'abo be Yamanya edda. "Kubanga abo be Yamanya edda, Yabayita. Era abo be Yayita, Yabaggyako omusango. Era abo be Yaggyako omusango, Yabagulumiza (kyakolebwa dda.)" Ky'ekyo.

133 N'olwekyo si ggwe weekuuma, wabula kisa kya Katonda kye kikukuuma. Ssi ggwe weerokola, era tewali kye wakola kyakugwanyiza kulokolebwa. Wabula kyali kisa kya Katonda kye kyakulokola. Kyali kisa kya Katonda kye kyakuyita. Okumanyirawo kwa Katonda kwakumanya. Yakimanya nti wali wa kubeera mu kkanisa eno akawungeezi kano, nga n'ensi tennatondebwa, bw'Aba taliiko kkomo mu kumanya. Bw'Aba aliko ekkomo, kitegeeza si Ye Katonda. Bw'Aba yamanya ebintu byonna, kitegeeza Yali Katonda. Bw'Aba byonna teyabimanya, kitegeeza Teyali Katonda. Bw'Aba ye Katonda Omuyinza wa byonna, kitegeeza Asobola okukola ebintu byonna. Bw'Aba tasobola kukola bintu byonna, kitegeeza si ye Katonda Omuyinza wa byonna. Ky'ekyo.

134 Kati oyinza otya okugamba nti kintu kye wali osobola okukola? Tolina ky'oyinza kukola. Ggwe n'okubeera nti oli wano, oliwo lwa kwagala kwa Katonda na kisa kye. Tewali kye wali oyinza kukola, Katonda ye yakuyita olw'ekisa Kye; n'owulira okuyita okwo, n'okuwulira, n'okukkiriza.

135 "Kati," oyinza okugamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kiwa omuntu ebbeetu okukola kyonna ky'ayagala." Mazima ddala bwe kiri. Oli wa ddembe. "Kitegeeza, omuntu oyo asobola okukola ekintu kyonna ky'ayagala okukola." Weewaawo. Nange bulijjo nkola ekyo kye njagala okukola. Naye bw'oba oli Mukristaayo, tojja kwagala kukola bikyamu.

136 Akawungeezi kano wano waliwo omuwala omu alina w'atudde emabega eyo, mukyala wange. Mmwagala na buli kimu ekiri mu nze. Naye ssinga nkimanya nti nsobola okugenda ne njagala omukazi omulala yenna mu nkukutu ne ŋŋenda mmugamba, nti, "Meda, nnasobezza," mulowooza nnandikikoze? Bwe mba nga ddala mmwagala, ssisobola kukikola. Bwe kiri.

137 Kati, watya ssinga ŋŋamba nti, "Ha, ssisobola kukikola. Kubanga, nkubuulire ensonga lwaki ssisobola kukikola. Ayinza okundekawo, ate nnina . . . Ha, ate ndi na mubuulizi. Kale olaba ebiyinza okuva mu ekyo? Bayinza n'okungoba ku kituuti, ssinga ayawukana nange. 'Omusajja eyayawukana ne mukazi we, ha!' Nnina n'abaana basatu; kale ssirina na bwe ntandika kulowooza ku kintu nga ekyo. Naye, nkubuulira amazima, ni . . . "? Kati, bw'obeera nga bw'otyo bw'oli, okyagoberera mateeka. Mukyala wange bwe nnamuwasa ssaamuwasa kusinziira ku mateeka. Amateeka si ge gampaliriza okubeera omwesigwa gy'ali. Ndi mwesigwa gy'ali kubanga mmwagala. Ssirina kintu kyonna kinkakatako kukola. Kye nkola nkikola kyeyagalire kubanga twagalana. Naawe bw'oba oyagala mukyala wo, ojja kukola ekintu kye kimu.

138 Kati bw'oba oyagala mukyala wo ekyenkanidde awo, n'okwagala okwa *phileo*, olwo Kristo osaanye kumwagala kyenkana wa n'okwagala kwa *agapao*, okukubisaamu kuno emirundi kakadde, bw'oba nga ddala oyagala Katonda? Akawungeezi kano ssinga nkitegeera nti nsobola okugenda ne nnywa omwenge ne ntamiira, ssinga nkitegeera nti akawungeezi kano nsobola okugenda ne nkola obwenzi, ssinga nkitegeera, akawungeezi kano; era ssinga kinzijira mu mutima gwange okugenda okukikola, ne ŋŋenda ne nkikola, nga nkimanyi nti Ajja kunsonyiwa, era ssiyinza kukikola. Mmwagala nnyo. Mmwagala. Mazima ddala. Mmwagala.

139 Y'ensonga lwaki ssisobola kutunda kye nnafuna eri kibiina kya ddiini kyonna, (nedda, ssebo), ssiyinza kukitunda eri ba Assemblies of God, wadde ab'Ekkanisa ya Katonda, wadde aba Pilgrim Holiness, wadde Abamesodisiti, wadde

Abapulesibeteriyani, wadde Abakatuliki. Ssiyinza kukkiriza kuweebwa kintu kyonna, kukiwaanyisa na kino kye nnafuna. Kubanga, ssaakifuna kuva eri muntu yenna. Wabula nnakifuna kuva eri Katonda. Nedda, ssebo. Ssisobola kutunda busika bwange kubuwaanyisa kufunamu nnyimba za rock-and-roll wa Elvis Presley, oba okufunamu oluseregende lw'Abakatuliki, manyanga, manya, oluseregende lw'emmotoka zi Cadillac, oba obukadde n'obukadde bwa ddoola, n'ebirala, by'afuna buli mwezi. Nedda, ssebo. Mmwagala. Era bwe. . . Kasita nsigala nga mmwagala bwentyo, nja kusigala nga ndi mwesigwa gy'Ali. Era Katonda bw'aba yampita era nga yannonda, alina ekintu eky'enjawulo kye Yanteekamu, era mmwagala.

140 Nzijukira Mw. Isler. Mwenna mumumanyi, abasinga obungi ku mmwe. Yajjako wano, mubaka mu lukiiko olukulu ow'essaza lya Indiana; yajjako wano, n'akuba ggita ye. Omwana wange bwe yafa, ne mukyala wange n'afa, bombi ne baziikibwa mu limbo engulu wano. Nnali ntambula mu kkubo, nga emikono gyange ngitadde emabega, ŋŋenda nkaaba. N'afuluma emmotoka ye, enkadde, n'ajja n'ampambaatira, n'aŋŋamba nti, "Billy, nnina ekibuuzo kye njagala okukubuuza." N'agamba nti, "Nkuwuliddeko nga obuulira nga obulako na katono okutondoka ogwe ku kituuti. Nkuwuliddeko nga obuulira mu masaŋŋanzira g'enguudo n'ebifo ebitali bimu, nga obuulira ku Kristo." N'agamba nti, "Naye kati Wuuyo yakutwalako kitaawo. N'akutwalako muganda wo. Bombi n'abakunyakulako, ne bafiira mu mikono gyo. N'afa nga olaba oti. Ne mukyala wo n'afa, nga akukutte mu ngalo. N'omwana wo n'afa, nga omukoowoola akuyambe. Naye n'akukuba amabega. Kati ddala omulowoozaako ki?"

141 Ne mmugamba nti, "Mmwagala na buli kimu ekiri munda yange. Ne bw'Ansindika mu ggeyeena, era nja kusigala nga mmwagala." Mwenkanya. Ekyo ssikyogera bwogezi; naye nkikakasizza okumala emyaka abiri mu mukaaga. Ge mazima.

142 Bw'oba nga ddala omwagala! Nga ssi kutuukiriza butuukiriza luwalo, kugamba bugambi, "*Kino* ssikkirizibwa kukikola, na *kiri* ssikkirizibwa kukikola." Wabula nga omwagala nnyo okutuusa nti tosobola kukikola, kubanga Yakulonda. Si ggwe wamulonda, wabula Ye yakulonda.

143 Oyinza okugamba nti, "Nnanoonya Mukama, ne nnoonya Mukama."

Tewali muntu anoonya Katonda. Wabula Katonda, y'anoonya omuntu. Oyinza okuba onoonya okuganja okuva gy'Ali, naye Katonda alina okusooka okukyusa enkula yo nga tonnaba kumunoonya, kubanga, oli mwonoonyi, oli mbizzi. Bwe kiri.

144 Abamu ku mmwe mugenda ku kkanisa naye nga mwesigamye ku kimu kyokka kya kuba bammemba, bwe

muvaayo ne mukola buli kimu ekikolebwa mu nsi, n'era ne muddayo ne muwoza kimu, "Weewaawo, ndi mmemba wa kkanisa." Kati nno, ka nkutegeeze nti eky'okubeera obubeezi mmemba w'ekkanisa kyawukanira ddala nnyo n'okubeera owa Katonda. Mazima ddala. Ssi . . . Naye bw'olaba abantu abakola bwe batyo, osobola okumanya. Weewaawo, babeera bammemba ba kkanisa abalungi. Ekyo kituufu. Ebintu ebyo osobola okubeera mmemba w'ekkanisa n'osigala nga obikola, naye tosobola kubeera Mukristaayo n'obikola.

145 Nga bwe nnayogedde, ku makya ku, "Nnamuŋŋoona, bwe wabaayo munnanfuusi yenna, ye nnamuŋŋoona." Bwe kiri. Nnamuŋŋoona n'ejjiba byatuula mu kyombo kye kimu, nga bisula mu kifo kye kimu. Naye nnamuŋŋoona yakkuta bwe yateebwa n'afuluma, n'ava mu Kkanisa eyo, kubanga kati yali asobola okutalaaga wonna n'agwa ku mutulumbi gw'ensolo n'asagambiza nga bw'agamba nti "caw, caw," n'alya ku *guno*, n'alya ku gw'embalaasi, n'alya ku gw'ente, na buli kimu, n'akkuta. Naye Nuuwa bwe yata ejjiba, teryasanga kifo kyonna we liyinza kulinnya bigere byalyo. Nalyo lyalina eddembe okutuula ku mutulumbi gw'ensolo nga nnamuŋŋoona bwe yakola, naye ebibiri byalina obutonde bwa njawulo. Erimu, lyali jjiba, mu butonde bwalyo. Ne kiri kyali nnamuŋŋoona, mu butonde bwakyo.

146 Naye, bwe weetegereza, nnamuŋŋoona asobola okutuula ku mutulumbi gw'ensolo efudde n'alya, okumala ekitundu ky'olunaku. N'ejjiba lijja kutuula mu musiri gw'eŋŋaano, okumala ekitundu ky'olunaku. Era nnamuŋŋoona asobola okubuuka n'ava ku mutulumbi gw'ensolo ogwo n'agenda asokomera emmere y'ejjiba, mu bungi ddala nga bw'ayagala. Asobola okulya eŋŋaano yonna nnamuŋŋoona gy'alya, manyanga, ejjiba gye lisobola okulya. Naye ye, nnamuŋŋoona, asobola okulya emmere y'ejjiba, naye ejjiba terisobola kulya mmere ya nnamuŋŋoona. Bwe kiri.

147 Na bwe kityo, ne munnanfuusi asobola okujja mu kkanisa, n'asanyuka n'aleekaana n'atendereza Mukama, n'akola ebyo byonna, naye era n'addayo n'awoomerwa n'ebintu by'ensi. Wabula Omukristaayo eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri tasobola kukikola, kubanga okwagala kwa Katonda kumuwaliriza ne kumuteeka mu mbeera w'abeera nga tayinza kukikola.

148 N'olwekyo bw'oba oli Mukristaayo mbu kubanga weegatta ku kkanisa, n'okulekayo *kino* na *kiri* n'oba nga tokyabikola, naye nga okuyaayaana okw'okubikola kukyakulimu, weetaaga okufuna ddoozi endala. Ky'ekyo kyennyini.

149 Kati mmwe abakazi abambala obuwale obumpi obwo, ne mumaanyuuka wano ku nguudo, n'ova awo ne weeyita "omukkiriza." Weewaawo oli mukkiriza, naye wandiba nga,

oli kyakulabirako kibi eky'omukkiriza. Ssinga ddala obadde olina Kristo mu mutima gwo, tewandirowoozezza ku bintu biringa ebyo. Sifaayo abakazi abalala biki bye bakola, n'abawala abalala bye bakola, ggwe wandibadde wa njawulo, kubanga oyagala nnyo Kristo.

150 Luli waliwo omukazi gwe nnayogera naye, mu nnyumba, yayimusa emikono gye waggulu *bw'ati*, n'agamba nti, "Levulandi Branham, kyenkana ndi bwereere, wano mu nju yange. Ntambulatambula mu nju yange."

151 Mu nze ne ŋŋamba nti, "Oswadde nnyo." Mbu oli mu nnyumba yo, ssifaayo oba oli wa. Bwe kiri. Yambala era weeyise nga omukazi, nga omukyala bw'asaanidde okweyisa. Oswadde nnyo. Naye bw'o . . . Weewaawo, Bayibuli egamba nti, "Bw'oyagala ebintu ebyo, ebintu by'ensi, n'okwagala kwa Kristo kuba tekukuliimu." Naye bw'oba oyagala Mukama, n'omutima gwo gwonna, n'emmeeme yo yonna, n'endowooza yo yonna, ojja kwegoberako ddala ebintu ebyo ebicaafu, ebivundu. Ddala bwe kiri.

152 Naawe mudiikoni ggwe, nammwe abalala abali wano, abatambula wano mu kkubo, nga bwe munyoola ensingo okutunuulira buli omu ku bakazi abo. Muswadde nnyo; bwe muva awo ne mweeyita "abaana ba Katonda." Ekyo mmanyi kyokya nnyo, naye waakiri kikwokya kati naye n'otayokebwa eri kugweerawo ddala emirembe gyonna. N'olwekyo bw'okola ebintu ebyo . . . Kati, tosobola kukyebeera ssinga omukazi aba atambula mu kkubo, nga kyenkana ali bukunya. Ggwe, kubanga obeera otunula, omukazi oyo kiba kyangu okumulaba, naye osobola okyuka n'otunula ebbali. Bayibuli egamba nti, "Buli atunuulira omukazi okumwegomba, obeera omaze okwenda naye mu mutima gwo."

153 Leka mbeeko ne kye nkubuulira, mwannyinaze omwagalwa, olibitebya. Ssifaayo, oyinza okuba oli mulongoofu ddala nga eddanga. Eky'amazima oyinza okuba tokolangako kibi kya ngeri eyo, eky'obukaba, mu bulamu bwo. Naye bw'oyambala bw'otyo, olyanukula ku Lunaku lw'Omusango olw'okwenda na buli musajja eyukutunuulira. Bayibuli bw'egamba. Nnyini n'otambula mu kkubo, omusango ani gwe gusinga, musajja? Nedda, ssebo. Ggwe gwe gusinga. Ye ggwe amwambalidde mu ngeri eyo.

154 Omukazi alina ekifo eky'amaanyi ddala. Kifo eky'ekiitiibwa, ekirungi, era eky'omuwendo ennyo ddala. Naye ateekwa okwekuuma mu ngeri bw'etyo, okusobola okukuuma woofiisi ye nga bw'alina okugikuuma, nga maama, era nga omukazi era akiikirira ba nnakazadde. Obwannakazadde bwe butyoboolwa, enkizi y'eggwanga eba ekutuse. Era eyo y'ensonga lwaki, olwa leero, eggwanga lyaffe lyonoonese, kivudde ku bugwenyufu bwa

mpisa z'abakazi baffe. Ddala bwe kiri. Mazima ddala. Obuvundu obuli mu makkati gaffe, bwe buli mu kulyonoona.

155 Kye weetaaga kwe kusisinkana ku Merukizeddeeki ono. Amiina. Leka Aku—leka Akuwe omukisa akugabule enviinyo, n'omugaati, n'Obulamu Obutaggwawo. Okuva awo ebintu ojja kubiraba mu ngeri ya njawulo. Awo ojja ku. . . Bijja kuba bya njawulo. Tojja kwegomba kuwulira bavubuka nga ba. . . nga bakusiiya nga abayita ekibe, n'okukusiiya nga abayita omusege, oba kyonna kye mukiyita. Ddala tojja kukyegomba. Ojja kuba wa njawulo.

156 Kati ddala ky'ogamba, waliwo ensonga endala yonna ekwambaza mu ngeri eyo, n'ogenda mu bantu? Weewaawo ogamba mbu, "Nanti, tezireeta bbugumu." Ekyo weerimba. Si nti tezireeta bbugumu. Ssaayansi akikakasa nti tekiri nti tezireeta bbugumu. Okwo. . . Okwo kwaka kwe kwakuwamba, mwannyinaze. Naye tokimanyi bumanya. Ssigezaako kukulumya, naye ngezaako kukulabula. Osanga abakazi bangi abalongoofu, nga mulongoofu ddala, nga mukyala ddala alabika obulungi, naye n'afuluma nga ayambadde engoye bwe zityo, n'atambula mu kkubo, nga tamanyi nti ky'akola kibi, kubanga waliwo omubuulizi eyagwa atya nti singa akyogerako bbaawo tajja kuddamu kuwaayo kimu kya kkumi mu kkanisa. Ssinga yali yasisinkana Merukizeddeeki, teyandirowoozeza bintu nga ebyo. Yandibuulidde Njiri yennyini. Ne bwe yandibababudde n'ebasusumbulako olususu, era, yandisigadde agibuulira. Ddala bwe kiri.

157 Okikola, era okikola kubanga obumbujjirwako omwoyo ogwo ogw'okwaka. Ate nammwe abasajja abaleka bakyala bammwe ne bakola ebintu bwe bityo, nnina essuubi ttono nnyo mu mmwe okuba abasajja. Bwe kiri. Bwe kiri. Kati, ekyo tekiriiko kukkaatiriza, kubanga, manyanga, kwetonda, kubanga, ago ge mazima. Omusajja yenna aleka mukazi we n'agenda yeeyisa mu ngeri eyo ku nguudo, ow'oluganda, ggwe asaanye okwambala engoye *ze*. Bwe kiri. Ggwe, ddala, bannange!

158 Ssigamba nti mukyala wange tasobola kukikola. Naye nnina okusooka okukyusibwa n'okukyamizibwa, n'enva ku ekyo kye ndi kati, bwe mba wa kubeera naye nga akola ekintu bwe kityo. Era ago ge mazima gennyini.

Ne bawala bange, ob'olyawo nabo balikikola nga bakuze ne bafuuka bakazi. Ssigamba nti tebalikikola. Ssimanyi. Ekyo kiri eri kusaasira kwa Katonda. Naye nsuubira tebalikikola. Bwe balikikola, baliba balinnyiridde essaala za kitaabwe omutuukirivu. Baliba balinnyiridde obulamu bw'omuntu eyagezaako okutambulira mu bulamu obugolokofu, ssinga kalibatanda ne bakikola. Ddala bwe kiri. Naye njagala ntambulire mu bulamu obugolokofu, njigirize obugolokofu,

mbeere mugolokofu, nsobole okubaluŋŋamya okubeera abagolokofu. Ekyo bwe kalibatanda ne bakikola, baliba bawaguzza ne beetemera ekkubo eribatwala mu ggeyeena, nga balinnyiridde okubuulira kwange, nga balinnyiridde Kristo wange, nga balinnyiridde n'okulabula kwange, weewaawo, ssinga kalibatanda ne bakikola. Mazima ddala. Bwe kiri.

159 Oswadde nnyo. Bw'oba wali osisinkanye Kristo, maaso ku maaso, n'Akuwa omukisa, n'akunyweegera mu mutima gwo n'okunyweegera okwo okukakasa nti akukkiriza, emizimu gyonna egiri mu ggeyeena ne bwe gikulumba tegisobola kukuleetera kuddamu kwambala ngoye ezo nate. Ky'ekyo. Obeera okyuse nga ovudde mu kufa n'oyingira mu Bulamu, nga okuyaayaana kwo kuli ku bintu ebya waggulu so si bintu bya ku nsi. Amiina. Ensonga eyo ka ngiveeko. Kubanga ya kwegendereza. Kale. Naye ate ge Mazima.

160 Kale, kati nga bwe tweyongera mu maaso katono okusoma, oluvannyuma tumalirize.

> *. . . n'abo ab'omu baana ba Leevi, . . . baweebwa* ekimu eky'ekkumi *abo abali mu kifo ky'obwakabona,* era *amateeka gabalagira okusoloozanga* ekitundu eky'ekkumi *mu bantu, be baganda baabwe, newakubadde ng'abo* baava *mu ntumbwe za Ibulayimu:*
>
> *Naye oyo atabalibwa mu kika kyabwe, yasolooza Ibulayimu, n'asabira omukisa nnannyini* kisuubizo.
>
> *Naye,* wadde tekyegaanika n'akatono *omuto yasabirwa omukulu omukisa.*
>
> *Era mu ekyo abaweebwa ebitundu eby'ekkumi be bantu abafa; naye* wano *abiweebwa ye oyo ategeezebwa nga mulamu.* Era . . .
>
> *Era okwogera . . . bwe kuti, ne Leevi, . . .* eyaweebwanga ekimu eky'ekkumi, yaweebwa *ekimu eky'ekkumi, yasasula ekimu eky'ekkumi mu Ibulayimu;*
>
> *Kubanga yali akyali mu ntumbwe za jjajjaawe, Merukizeddeeki bwe yamusisinkana.*

161 Engeri—engeri gy'otwalamu Kristo ejja kukola kinene nnyo ku ekyo abaana bo kye balibeera. Obulamu bwo bw'otambuliramu nga ab'omu maka go balaba bujja kukola kinene ku ekyo abaana bo kye balibeera. Kubanga, Bayibuli egamba, nti, "Aliwalana obujeemu bw'abazadde ku baana okutuukira ddala ku bannakabirye ne bannakasatwe."

162 Kati, eddakiika ntono nnyo, nga tetunnamaliriza.

> *Kale okutuukirira singa kwaliwo* (kuukwo okutuukirira kwogerwako nate) *lwa bwakabona obw'Ekileevi (kubanga abantu baaweebwa amateeka mu biro byabwo,) kiki ekyetaaza nate* wajje . . . *kabona*

ow'okubiri okuyimuka mu ngeri ya Merukizeddeeki, n'atabalirwa mu ngeri ya Alooni?

163 Amateeka, abakwata amateeka, olaba abagamba mbu, "O, oteekwa okukola *kino*. *Kino* bw'oba tokikola, toli Mukristaayo. Bw'oba tokuuma ssabbiiti! Bw'otakola. . .Bw'olya ennyama! Bw'okola *bino*!" Endowooza zino zonna ez'amateeka g'olina okukwata. "Era oteekwa okugenda ku kkanisa. Bw'otagendayo, ojja kubonerezebwa. Oteekwa okusoma noveena." Ebyo byonna tebiriimu makulu. Walokolebwa lwa kisa kya Katonda, olw'okumanyirawo kwa Katonda okw'ebintu nga tebinnabaawo, olw'okuteekerwateekerwa Kwe. Katonda yayita Ibulayimu olw'okuteekerwateekerwa, olw'okumanyirawo kw'ebintu nga tebinnabaawo. Yayita. Yakyawa Esawu, n'ayagala Yakobo, nga bombi tebannazaalibwa. Bwe kiri. Okwo—okwo kumanyirawo kwa Katonda kwe kutegeera ebintu bino.

164 Awo ojja kumbuuza nti, "Kati olwo kigasa ki okubuulira Enjiri?"

165 Kati nja kukwanukula, bwenti. Ekyo Pawulo yakyanukula, manya, Yesu yakyanukula. Yesu yagamba bw'ati. Yagamba nti, "Obwakababaka obw'omu Ggulu bufaanaanyizibwa n'omusajja eyagenda ku—ku kidiba manya ku nnyanja, n'akakasukamu akatimba. Oluvannyuma n'akasikayo. Bwe yakasikaayo, yalinamu obufudu. Yalinamu enfudu. Yalinamu emisota. Yalinamu eminya. Yalinamu ebikere. Yalinamu bi nnabbubi. Yalinamu ebirya binnaabyo. Yalina—yalinamu n'ebyennyanja." Kati, omusajja kyokka kye yakola kwali kutega katimba.

166 Ne Enjiri bw'etyo bw'eri. Nzuuno wano kaakati, ndi mu kubuulira Njiri. Nsuulayo katimba mu nnyanja. Bwe nnaakasikayo, nja kugamba nti, "Buli yenna, ayagala, leka ajje." Wabeewo abajja mu maaso, ku wolutaali. Bonna beetooloole wolutaali. Basabe. Bakaabe. Nze ssisobola kubaawula ani y'ani. Si mulimu gwange. Ssaatumibwa kusala musango.

167 Naye, mu bo mulimu abamu nga bikere. Mulimu abamu nga minya. Mulimu abamu nga misota. Mulimu, abamu, nga bufudu. Mulimu n'abamu nga byennyanja. Si mulimu gwange okusala omusango. Nze ŋŋamba kimu nti, "Kitange, biibino bye nkwasizza."

168 Naye, ekikere, era kisangibwa kikere.

169 Nnabbubi, ki nnabbubi ekyo kijja kutuula awo nga bwe kitunula eno n'eri, bwe wayitawo akaseera, kyetoolooze amaaso gaakyo ago amanene, kimagemage, kimale kigambe nti, "Nkubuulire? Nze Bino mbigumiikirizza ekimala ntuuse we nkoma." Plop, plop, plop, plop, kifulume kigende.

170 Ne wamusota omukazi naye ayimuse omutwe, agambe nti, "Naye, nkubuulire? Bwe baba bwe bati bwe bagenda okubuuliranga, nga bavumirira okwambala obuwale obumpi n'ebiringa ebyo, nze gwe babeera babuulirako. N'olwekyo nze

abo abatukuvu abeevulunga nja kubasegulira. Balabika ekyo kyokka kye bali tebasukkawo." Okusooka kwa byonna wali musota. Ddala bwe kiri. Weewaawo.

171 Ne mwami wakikere erudda wano eno, n'omunwe gwa taaba omunene mu kamwa, nga yenna afaanana nga sseddume y'omu Texas gye basazeeko amayembe, naye ayimirire yeetoolooze amaaso, agambe nti, "Nze, ssiwulira nti nnina omusango gwonna gwe nkoze bwe nfuuwa taaba. Ekintu kino ŋŋenda kukivaamu, kati kati." Bambi, wakikere ggwe, okusooka kwa byonna, wali kikere. Ddala bwe kiri. Ddala bwe kiri.

172 Obutonde bwo bukakasa kiki ky'oli. Obulamu bwo bwoleka, bulaga kiki ky'oli, era kye wali okuviira ddala ku ntandikwa. Si kizibu gyendi okukiraba. Naawe si kizibu okukiraba.

173 Ssinga ŋŋenda ku ddundiro lya Roy Slaughter omulunzi atudde wano eno, ne ndaba embizzi ku ntuumu ya nnakavundira, nga zirya nnakavundira, ssiyinza kuzirowooleza kikyamu kyonna. Kubanga mbizzi. Naye ssinga ndaba omwana gw'endiga nga guli ku ntuumu ya nnakavundira oyo, kyandindeetera okwewuunya. Uh-huh. Okiraba? Teweraliikirira, toligisanga ku ntuumu ya nnakavundira. Teyinza kugumiikiriza kivundu kya nnakavundira oyo. Bwe kiri.

174 N'omuntu eyazaalibwa Omwoyo wa Katonda akyawa ebintu by'ensi. Bwe kiri, "Kubanga bw'oyagala ensi oba ebintu by'ensi, n'okwagala kwa Katonda kuba tekukuliimu."

175 Ssinga mbeera mu kukyakala n'abakazi abalala buli lunaku, ate ne nkomawo, ne ŋŋamba mukyala wange nga bwe mmwagala, akimanya bumanya nti mulimba. Ebikolwa bye nkola byoleka kyendi okukira ebigambo bye njogera. Mazima ddala. Mba mmukakasizza nti ssimwagala, kubanga ssibadde mwesigwa gy'ali.

176 Ssinga naye aŋŋamba nti anjagala, naye nga buli lwe nvaawo, abaako omusajja omulala gw'apepeya naye, kiba kiraga nti tanjagala. Ge mazima. Ebikolwa bye bikikakasa. Sifaayo ne bw'agezaako okuŋŋamba nti, "Bill, nkwagala, era tewali mulala yenna mu nsi okuggyako ggwe," mba nkimanyi nti mulimba.

177 Naawe bw'ogezaako okugamba nti, "Mukama, nkwagala," nga eno bw'okola ebintu by'ensi, Katonda akumanyi nti oli mulimba, okusooka kwa byonna. Naye nga kiki ennyo? Kigasa ki okukkiriza okutwala ekituntu eky'ekitundu, n'eky'engeri eyo, nga obwengula bw'Eggulu obw'ekitalo bujjudde ekya nnamaddala? Kiki ekikubeeza Omukristaayo omunakuwavu, ow'ekibogwe, ayatula obwatuzi, ow'ekikonwa akyeeyita obweyisi? Nga, osobola okubeera omwana wa Katonda yennyini ddala eyazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nga ebide by'essanyu ly'Eggulu bivugira mu mutima gwo, nga ojaguza, nga otendereza Katonda, era nga otambulira mu bulamu obw'obuwanguzi okuyita mu Yesu Kristo.

178 Togezaako kukyekolera nga ggwe, kubanga ojja kulemwa, okusooka kwa byonna. Naye mukkirize nga bw'agamba, Kino Kigambo Kye, era owummulire ku kye Yayogera nti ge Mazima. Omukkirize, era omwagale, bw'Atyo naye byonna anaabireetera okukolera awamu ku lw'obulungi bwo. Ky'ekyo. Eyo y'engeri y'okukikolamu.

179 Mukama abawe omukisa. Ssaagala kubakambuwalira, naye, ow'oluganda, olw'olumu kirungi okukambuwalamukko. Muli baana bange. Mukiraba? Era taata yenna ayagala abaana be ateekwa okubagolola, bw'atakikola tabeera taata mutuufu. Si bwe kiri? Bwe kiri. Era taata ono alina etteeka limu lyokka, era etteeka eryo lye tteeka ly'amaka. Ne Katonda alina etteeka limu, era ekyo kye Kigambo Kye.

180 Bwe tuba tukkiriza Ekigambo Kye, tujja kutambulira mu Kigambo Kye. Buvunaanyizibwa bwaffe okukikola, bwe tuba nga ddala twasisinkana Katonda. Si lwa kuba ogamba nti, "Nga, bwe kiri nti ndi muntu agenda ku kkanisa, kale kinkakatako okukola *kino*." Munaku ggwe. Ekyo tokikola. Kiki ekikwagaza okubeera nnamuŋŋoona omunakuwavu, atatya Katonda, ataliimu twanyi yadde, nga osobola okubeera ejjiba? Mazima ddala. Weetaaga kimu kyokka butonde bwo kukyusibwa. Okyuse obutonde bwo, ofuuke mwana wa Katonda ow'obulenzi oba ow'obuwala, obeere n'emirembe ne Katonda.

181 Yesu! "Era ne Yesu, okusobola okutukuza abantu n'Omusaayi Gwe Ye, kye yava abonaabonera ebweru wa wankaaki," Abaebbulaniya 13:12 ne 13. Abaruumi 5:1, "Kale bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza," si lwa kukwata muntu mu ngalo, si lwa kubatizibwa mu mazzi, si lwa kussibwaako mikono, si lwa kuleekaana, si lwa kwogera mu nnimi, si lwa kukyamuukirira okw'engeri yonna. "Naye bwe twaweebwa obutuukirivu olw'okukkiriza, tulina emirembe ne Katonda okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Twasala ne tuva mu kufa ne tudda mu Bulamu, ne tufuuka bitonde biggya, kubanga twakkiriza Omwana wa Katonda eyazaalibwa omu yekka, ne tumusembeza nga Omulokozi waffe. Era Omusaayi Gwe, akawungeezi kano, gukola nga omutango olw'ebibi byaffe, nga guyimirira mu kifo kyaffe.

182 Mu Ndagaano Enkadde, waaliwo ekifo kimu kyokka eky'okubeera n'okussa ekimu, nga we wansi w'omusaayi. Buli mukkiriza yalina okujja wansi w'omusaayi. Ennyana emmyufu bwe yattibwanga, yafuulibwanga ekiweebwaayo olw'ekibi. Yalina kuba nga mmyufu. Era kiri mu ssuula ey'e 19 ey'Okuva, bwe wabaawo omu ku mmwe ayagala okukisoma. Era yali eteekwa okwokebwa, yonna, wamu n'ebinuulo byayo. Olwo okuva mu vvu lyayo mwe baakolanga amazzi ag'okwawula. Kyakolebwanga bweru wa wankaaki. Kyalina kukolebwa mikono emirongoofu. Omusaayi gw'ente eno gwakulemberangamu . . . ekibiina, ne gusiigibwako emirundi

musanvu waggulu ku luggi. Ekyo bwe kyaggwanga, olwo buli muntu eyajjanga nga ayonoonye, yalina okusooka okutunuulira omusaayi ogwo n'agulaba, n'akitegeera nti okussa ekimu kuli wansi wa musaayi ogwo wokka. Ekyo kye kifo kyokka omusinza mwe yali asobola okusinziza mu butongole, kwali kubeera wansi wa musaayi.

183 Kati, ekisooka kye yalina okukola, nga tannajja kuyita wansi wa musaayi, waalina okubaawo amazzi gano ag'okwawula agamumansirwako, olwo abadde tali mulongoofu n'alongoosebwa.

184 Era baatwalanga amazzi ag'okwawula ne bagamansira ku mutambuze ono, ne gamwawukanya n'ebibi bye. Olwo n'alyoka atambula okuyita wansi w'ebikuubo bino omusanvu eby'omusaayi, n' asobola okuba n'okussa ekimu n'abakkiriza abalala mu Kubeerawo kwa Katonda.

185 Waliwo engeri emu yokka ey'okukikolamu. Si kubaako gw'okwata mu ngalo, si kwegatta ku kkanisa, si kubatizibwa, si kukyamuukirira okw'engeri yonna; wabula kugenda eri amazzi ag'okwawula, olw'okukkiriza n'oteeka emikono gyo, ku mutwe gwa Yesu, n'ogamba nti, "Ndi mwonoonyi, naye Ggwe wafa mu kifo kyange. Era mu nze mulimu Ekintu ekiŋŋamba nti Ojja kunsonyiwa ebibi byange, era kaakano nkusembeza nga Omulokozi wange." Otambule oyite wansi w'Omusaayi, ogguke erudda, obeere n'okussa ekimu n'abaana ba Katonda. Ky'ekyo. Olye omugaati, onywe enviinyo, era osse kimu n'ekkanisa.

186 O, ssi mulungi nnyo? Ssi mulungi? Kati, bino biyinza okuwulikika nga ebyewuunyisa gy'oli, mukwano gwange. Naye ddala kiki—kiki ekinnyimiriza wano ne njogera ebintu bino? Nsobola okubyogera olw'okwagala okugezaako okwefuula ow'enjawulo ku muntu omulala yenna? Ekyo ssinga ngeza ne nkikola, mba nsaanye okwenenya. Mbyogera kubanga Katonda yabyogera, kubanga Kigambo kya Katonda. Kati muwulirize. Ekiseera ekijja, era ne kaakano weekiri, abantu lwe banaatindigga eŋŋende okuva ebuvanjuba okugenda ebugwanjuba, nga bagezaako okunoonya Ekigambo kya Katonda, naye kibabule.

187 Bw'ogenda mu lukuŋŋaana, ky'osooka okukola, oluba okutuukayo obasanga bali mu kwogera nnimi na kuzivvuunula, na muntu kusituka n'anokola Ebyawandiikibwa bye bimu ebimanyiddwa; kyokka nga ekyo kya mubiri. Mazima ddala. Katonda yatugamba "obutaddiŋŋana bigambo okutaliimu nsa," ate olwo Ye? Bw'aba Yakiwandiika, kikkirize. Teyeetaaga kuddamu kukyogera. Ennimi n'okuzivvuunula birungi, naye buteekwa kuba bubaka obulambukulufu obulagirizibwa eri ekkanisa oba eri omuntu gundi, so si kubeera kya mubiri na bintu bya ngeri eyo. Kati olwo n'olyoka ogenda mu maaso n'ebintu ebirala bino byonna.

188 Jjuuzi wano, abasajja babiri baayingira mu . . . omwami ne mukyala we, n'omwami omulala ne mukyala we, nga bato kye bajje bafumbiriganwe, ne bayingira mu kifo, okusaba olukusa okugenda mu Afirika nga abaminsani. Ne wabaawo eyasituka n'awa obunnabbi, n'ayogera mu nnimi n'azivvuunula, n'agamba nti, "Buli omu ku baami abo omukyala gwe yawasa ye yali owa munne." Mbu, "Bwe kityo si bwe kirina okuba. Buli omu omuntu gwe yawasa si gwe yalina okuwasa." Era abasajja abo ne baawukana ne bakyala baabwe, ne baddamu ne bafumbiriganwa buto. Omusajja omu n'awasa abadde muka munne, n'oli n'akola kye kimu, nga ebyo biri mu kimu ku bibiina by'enzikiriza y'Abapentekoote ekimu ku bisinga erinnya ettutumufu, bwe baamala ne bagenda mu Afirika nga abaminsani.

189 Ow'oluganda, bw'okola ekirayiro kyo, kikukakatako okunywerera ku kirayiro ekyo okutuusa okufa lwe kulikusumulula okuva eri ekirayiro ekyo. Ddala bwe kiri. Mazima ddala. Bwe mukola ekirayiro ekyo, kibasibira wamu.

190 Ebintu ebyo byonna, obusirusiru obwereere! Era kituuse ku ssa nti bw'ogenda mu makanisa, ogasanga gali mu mbeera ya bunnyogovu obuyitiridde nga ga mikolo bukolo era makalu, okutuusa nti ssinga obateekako akapima ebbugumu ery'omwoyo kajja kusoma ataano wansi wa zeero. Abantu batuula ne batereera nga enzirugaze bwe yeekwata ku kikoola ekinnyogovu, nga bonna bonna batuggubadde bakaawu tebeefiirayo. Bw'oyambibwa n'obaako gw'owulira, emabega eri mu nsonda, ayinza okuwuuna n'avaamu ka "amiina," akatono obw'olumu, nga gy'oli nti amiina eyo ebayisa bubi, nga bonna banaanuula ensingo nga embaatakabuzi, bamagemage, balabe kiki ekibaddewo. Ago mukimanyi nti ge mazima. Ekyo ssikyogera kubasesa busesa. Kino si kifo kya kusaagiramu. Ago ge Mazima. Ddala. Nkyogera kubanga ge Mazima g'Enjiri.

191 Ate bw'odda ku ludda luli olulala, gy'osanga okukyamuukirira okw'omubiri okwa buli ngeri okutaliimu makulu, era Ekigambo kya Katonda ekya nnamaddala kituuse ku ssa nga okiwulira bbalirirwe: enkola eri ey'edda etaliimu kyekubiira, Enjiri, Omusana ogumulisa ekkubo lyange, aleruuya, Omusaayi gw'Omwana gw'endiga, okwagala kwa Katonda okutwawukanya n'ebintu by'ensi.

192 "Wali oyogedde mu nnimi, ow'oluganda? Tomufunanga. Wai oleekanye n'otuuka okuwulira nga waliwo obunnyogovu obukuyita mu mugongo? Wali olabye ku biriroliro?" O, ebyo ebintu ebitaliimu makulu n'akamu! Teri bintu bya ngeri eyo.

193 Wakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo n'omusembeza okuba Omulokozi wo? Era nga Omwoyo wa Katonda ajulira n'omwoyo wo, nti oli mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala. Era nga obulamu bwo bubala ebibala eby'okwagala, essanyu, emirembe, okugumiikiriza okutakeŋŋentererwa, obulungi,

obuteefu, obukkakkamu. Awo obeera oli Mukristaayo. Bwe kitaba kityo, ssifaayo kiki ky'okola.

Pawulo yagamba nti, "Nsobola okuwaayo omubiri gwange okwokebwa nga ssaddaaka. Nsobola okumanya ebyama bya Katonda byonna. Nsobola okusengula ensozi olw'okukkiriza kwange. Nsobola okwogera mu nnimi ez'abantu n'eza Bamalayika. Naye mba ssirina kye ndi." Ekyo mukyogerako ki? Abakkolinso Ekisooka 13; mukebere mulabe oba bwe Kigamba oba nedda.

194 Kati mukikebere mulabe oba—oba Abakkolinso, Abakkolinso Eky'okubiri 13, nzikiriza we kiri. Oba, kirabika, kiri mu Abakkolinso Ekisooka oba Eky'okubiri. Abakkolinso Ekisooka awo, kiri mu, Abakkolinso Ekisooka 13. "Ne bwe njogera mu nnimi ez'abantu n'eza Bamalayika," ezisobola okuvvuunulwa, n'ezitasobola kuvvuunulwa, "Ssirina kyendi." Kati olwo, kigasa ki okweguumaaliza ku nnimi?

195 "Ne bwe ntegeera ebyama bya Katonda byonna." Kiki ekikutwala mu matendekero g'eby'eddiini okugezaako okubaako bingi bye weeyongerako okuyiga? Kisingako, n'osooka otereera ne Katonda. Mazima ddala. "Ne bwe, 'O, aleruuya ey'omukisa!'"

196 Kituuse ku ssa nti kizibu okufuna ekibiina ky'abantu ab'okukuwuliriza okuggyako nga okoze olukuŋŋaana olw'okusabira abalwadde oba nga waliwo ku byamagero ebikolebwa. "Omulembe omunafu era omwonoonefu ebyo bye gunoonya." Ebyo mubyagaza ki?

197 Pawulo yagamba asobola okukola ebintu ebya buli ngeri, ka kubeere okusenvula ensozi, naye n'asigala nga talina ky'ali. "Naye oba nnimi, zirikoma. Oba kutegeera, kulivaawo. Oba bunnabbi, bulivaawo. Naye ekyo ekituukiridde bwe kirijja, kiribeerera emirembe gyonna," era okwagala kwe kutuukirira. "Katonda bwe yayagala ennyo ensi bw'atyo, n'okuwaayo n'awaayo Omwana We eyazaalibwa omu yekka, nti," buli yenna akankana, buli ajugumira, buli ayogera, buli-. . .? "buli amukkiriza aleme okubula, wabula afune Obulamu Obutaggwaawo." Ekyo mukikkirize, baana mmwe.

198 Bagezaako okukifuula ekizibu ennyo, n'ebintu *bino* n'ebintu *biri*. Kyokka nga, kikomekkereza mu kintu kimu: kukkiriza kwo kw'olina mu Katonda nga ggwe omuntu ssekinoomu. Ky'ekyo. Kwe kukyoleka. "Kubanga olw'okukkiriza," si lwa nneewulira. "Olw'okukkiriza," si lwa kukyamuukirira. "Olw'okukkiriza," si lwa kukyamuukirira. "Naye olw'okukkiriza mwalokolebwa; era nga kyabaawo . . . " Kuba wanoonya Mukama? Kuba wali muntu mulungi? Kubanga, "Katonda, olw'ekisa, yakumanyirawo dda era n'akwawulira okufuna Obulamu Obutaggwaawo."

199 Yesu yagamba nti, "Tewali ayinza kujja gyendi okuggyako nga Kitange y'amuwaludde. Era buli ajja gyendi, Ndimuwa

Obulamu Obutaggwawo. Tewali asobola kumusikula kuva mu mukono Gwange. Bange. Baalokolebwa emirembe gyonna. Nze mbalina. Tewali ayinza kubasikula kubaggya mu ngalo za Kitange, era ye Yabampa. Birabo Byange eby'okwagala."

200 "Era abo bonna be Yamanya edda, Yabayita." Tayita muntu yenna okuggyako nga Yamumanyirawo. "Bonna be Yayita, Yabaggyako omusango; bonna be Yaggyako omusango, Yabagulumiza." Ndowooza, kati mukiraba nti, tuwummudde ntende.

201 Kati, nkimanyi wano waliwo abagoberera amateeka bangi, kyenda mu mwenda ku kikumi ku mmwe. Naye, mulabeeyo, Kino singa mukitwala ne mukitegeera nti sirina kintu gundi kye ngezaako kubagamba.

202 Kuba mujja kuva awo mugambe nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nze bulijjo mbaddenga ndowooza nti nnina okukola *kino* nkole na *kiri*." Waliwo e—enjawulo nnene nnyo, ow'oluganda, wakati w'ekyo ky'olina okukola n'ekyo ky'oyagala okukola. Bwe walokolebwa, tekyali lwa kuba wakirinamu omukono. Walokolebwa kubanga Katonda yakulokola nga n'ensi tennatondebwa.

203 Muwulirize, muwulire kino, Bayibuli egamba, mu Kubikkulirwa, kati ŋŋenda kubatandikisa we kitandikira mbatwale okutuusa awasemba, Bayibuli egamba, mu Kubikkulirwa, nti, ensolo bwe yajja, "Yalimba bonna abatuula ku nsi," ensolo yabalimba, "yalimba bonna abatuula ku nsi, abataawandiikibwa mannya gaabwe mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga," Okuva okudda obuggya lwe kwatandika, ekyo bwe mukiwulira kikola amakulu? Kale, okuva omubuulizi lwe yabuulira obubaka buli obwali obw'amaanyi? Okuva omusajja oli lwe yawonyezebwa? "okuva ku kutondebwa kw'ensi."

204 Yesu yattirwa wa, Kalivaaliyo? Nedda, ssebo. Yesu yattibwa nga n'ensi tennatondebwa. "Laba Omwana gw'endiga gwa Katonda, ogwattibwa nga n'ensi tennatondebwa." Katonda, ku lubereberye, bwe Yalaba ekibi, n'Alaba ekyabaawo, Yayogera Ekigambo. Era Yesu n'attibwa nga ensi tennatondebwa. Era buli muntu yenna eyalokolebwa, yalokolebwa, okusinziira ku Bayibuli, mu kiseera kiri Omwana gw'endiga bwe gwattibwa mu birowoozo bya Katonda, nga ensi tennatondebwa. Ekyo kye kiseera lwe wabalirwa mu abo abalirokolebwa. N'olwekyo waliwo ky'oyinza okukola okukyusa Ekyo?

205 Katonda ye yakikola. Erinnya lya Mukama lyebazibwe! "Katonda y'akola; si ky'oyo ayagala oba oyo adduka embiro, wabula Katonda y'asaasira."

Nga bwe kiri nti Yesu yattibwa nga n'ensi tennatondebwa, kitegeeza kyatwala emyaka enkumi nnya okutuukirira. Naye Katonda we yakyogerera mu kiseera ekyo, buli Kigambo kya

Katonda kinywevu era kibeerera. Tekikyuka. Tekyawulwamu. Tekisobola kulemwa. Era Katonda bwe yatta Omwana nga ensi tennatondebwa, Yattibwa mu kaseera ako kennyini nga bwe Yattibwa mu buliwo e Kalivaaliyo. Guba mulimu oguggyiddwaako engalo, kasita Katonda ayogera. Kati jjukira na kino nti, Omwana gw'endiga bwe gwattibwa, obulokozi bwo nabwo bwabalirwa nga buli kitundu ku ssaddaaka eyo, kubanga Bayibuli egamba nti erinnya lyo "Lyawandiikibwa mu Kitabo ky'Obulamu eky'Omwana gw'endiga nga n'ensi tennatondebwa."

Ekyo okyogerako ki? Kaakati olwo tunaakola ki? Katonda y'asaasira. Katonda ye yakuyita. Katonda ye yakulondera mu Kristo nga n'ensi tennabaawo. Yesu yagamba nti, "Si mmwe—si mmwe mwannonda. Nze nnabalonda. Era Nnabamanya, nga n'ensi tennatondebwa." Kiikyo.

206 Kati, okiraba, ekyo kikuggyamu okutya kwonna. "Bannage, nze ssimanyi oba nnaasobola okusigala nga nkyayimiridde? Naye nja kumalako, Katonda atenderezebwe, kasita nnaasigala nga nkyayimiridde." Ensonga teri oba nnaamalako, oba nedda. Ensonga eri nti Yamalako, oba nedda. Ekikulu kye—ekikulu ky'ekyo Ye kye yakola, so si kye nnakola. Wabula Ye kye yakola.

Nga bwe kiri mu tteeka ly'obununuzi. Kano kantu akatono ke njagala okwogera nga ssinnamaliriza.

207 Watya ssinga embalaasi enkazi yazaala ennyumbu? Ennyumbu eyo n'ezaalibwa nga amatu gaayo gombi gaagwa. Nga erina endali, erina enkobogo, erina ebitege. Nga omukira gwayo gwakakanyala gutunudde waggulu mu bbanga. Nga ebeera nsolo efaanana obubi ennyo! Amazima gali nti, omuntu yenna . . . Ennyumbu eyo kino ky'ebeera erowooza, nti, "Kati, nkukakasa. Enkya ya leero kasita banaafuluma ennyumba bati, nkukakasa, bagenda kunkuba ennyondo mu mutwe banzite. Kubanga, n'okundiisa tebandiisa. Laba nzenna bwe nfaanana. Sirina kakisa konna ka kulama."

208 Weewaawo ekyo kituufu. Tolinaawo kakisa konna ka kulama. "Kkwo, okuzaalibwa nnazaalibwa ne nzija mu nsi eno, naye laba bwe nfaanana. Amazima gali nti si—si—si—siriba na kakisa konna ka kulama. Sijja kusobola kulama. Sisobola kulama." Mukiraba?

209 Naye watya nga nnyina w'ennyumbu eyo yayigirizibwa bulungi era nga amanyi bulungi amateeka? Ajja kugigamba nti, "Mutabani, weewaawo kituufu. Wakula bubi, era tosaanidde na kulya ku mmere ya ku nsi eno. Bwe kiri. Togwanidde. Naye, mutabani, mu ngeri emu oba endala, ye ggwe gwe nsoose okuzaala. Era, kitegeere nti, wazaalibwa ggwe alina obusika. Era kabona talikutunulako. Naye, ku lulwo, walina okubaawo omwana gw'endiga ogutaliiko bulemu bwonna, ogulina okufa mu kifo kyo, ggwe osobole okubeera omulamu."

210 Ha, ennyumbu eyo eba ejja kuligita ebuuke ebeere n'ekiseera eky'okweyagala. Endabika yaayo si nsonga, kubanga omulamuzi taligitunulako, kabona. Kabona atunuulira mwana gwa ndiga. So si nnyumbu; wabula mwana gwa ndiga!

211 Kale mu ngeri y'emu ne Katonda atunuulira Kristo, so si ggwe. Kristo gw'alaba. Kati nga bwe kiri nti taliimu kunenyezebwa kwonna, nze mbeera ntya n'eky'okunenyezebwa? Ayinza atya okukusangamu eky'okunenyezebwa, nga wafa obulamu bwo ne bukwekebwa mu Kristo okuyita mu Katonda, n'ossibwako akabonero k'Omwoyo Omutukuvu? "Oyo azaalibwa Katonda tayonoona, kubanga tasobola kwonoona." Ayinza atya okwonoona nga ssaddaaka etuukiridde eri awo mu kifo kye? Katonda tatunuulira nze, Atunuulira Kristo, kubanga tuli mu Kristo.

212 Kati, bwe mba njagala Kristo, nja kubeeranga naye. Teyandindeese kunnyingiza ssinga yali takimanyi. Ssinga Katonda andokola leero, nga akimanyi bulungi nti Ajja kunfiirwa nga wayiseewo wiiki mukaaga okuva leero, awo aba Alwanyisa kigendererwa Kye Yekka. Bwe kiri. Kiba kitegeeza n'eby'omu maaso talina ky'abimanyiiko, bw'Aba yandokola, nga akimanyi nti ajja kunfiirwa. Lwaki Aba andokola, nga akimanyi Agenda kunfiirwa? Katonda takola bintu, ate ne yeekyusa nga wayiseewo wiiki bbiri, okusobola okutuukiriza ekisuubizo Kye. Bw'Akulokola, aba akulokodde okuyita mu biseera wonna okutuuka mu Butaggwaawo.

213 Kati, osobola okukyamuukirira, n'ogamba nti, "O, weewaawo, Katonda atenderezebwe! Aleruuya! Nnayogera mu nnimi. Nnaleekaana. Nnamufuna. Aleruuya!" Ekyo tekitegeeza nti wamufuna. Naye, ow'oluganda, bwe wabaawo Ekintu ekikka munda *wano* eno, n'onywezebwa mu Kristo, ebibala by'Omwoyo bijja kukugoberera. Tujulira, mu myoyo gyaffe wamu n'Omwoyo We, nti tuli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala. Mbeegayiridde mufune Omwoyo oyo, ab'emikwano.

214 Nsobola okubasuza wano ekiro kyonna, nga njogera ku ekyo. Mmwagala nnyo. Nammwe mbaagala. Nja kukomangawo mu kkuŋŋaaniro lino ettono, buli kiseera, Katonda bw'anaaba akyankuumye nga ndi mulamu. Njagala mbalabe nga musimbiddwa era munywezeddwa mu Nzikiriza eyo Entukuvu. Ssaagala kubalaba nga muyuuzibwayuuzibwa buli muyaga gwa njigiriza, ogujja, ne gubanyeenya, ne mutwalibwa, ne mugenda n'abalina otusaayi mu bibatu, oba abalina akafu mu maaso, oba ekintu ekirala kyonna, n'abalaba engeri ya—ya—y'ebimyanso nga bibaakira, oba ekintu eky'engeri eyo eya—eky'okwegwanyiza, nga Bayibuli bw'egamba nti, "Nga yeekulumbaza, kyokka nga tewali kye yali alabye." Bwe kiri. Njagala musimbe emmizi mu Kigambo. Bwe kiba BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, mukinywerereko, mukitambuliremu. Eyo ye Ulimu Sumimu ya leero. Ekyo

Katonda ky'ayagala mutambuliremu. Bwe kiba tekiri mu Kigambo, ekyo mukyerabire. Mubeereewo ku lwa Katonda, mubeereewo ku lwa Kristo.

215 Era omutima singa gutandika okuba nga oguwaba, manya waliwo ekibaddewo, ddayo ku wolutaali ogambe nti, "Ayi Kristo, zza buggya. . . essanyu ly'obulokozi bwange. Nkomezaawo okwagala kuli kwe nnalina mu kusooka. Kugenda kukendeera, ayi Mukama. Waliwo kye nnakola. Ddamu onfuule mutukuvu nate, nnyimirire. Ai Mukama, sirina kye nnyinza kukola. *Kino* na *kiri* binnemye okuvaako. Ntunuulidde Ggwe obinzigyemu, ayi Mukama, era nkwagala."

216 Osituke okuva ku wolutaali eyo nga oli muntu mupya mu Kristo Yesu. Okuva awo tekijja kukwetaagisa kwesigama ku kkanisa yo, kwesigama ku kabona wo, kwesigama ku musumba wo. Ojja kuba weesigamye ku Musaayi gwa Mukama waffe Yesu. "Walokolebwa lwa kisa."

Ka tusabe.

217 Ayi Mukama, nga kuyigiriza okukalubo! Kye kiseera ekkanisa eno entono etandike okulya ennyama, eve ku mata g'Ekigambo. Tumaze ekiseera kiwanvu nga tuli ku mata, nga tunywesa omuwere n'ennywanto. Naye ke kaseera tulye ennyama ekaluba, kubanga ekiseera kisembedde. Ebiseera ebizibu eby'akazigizigi bisembedde, waliwo n'emitawaana mingi egikyali mu lugendo. Era tumanyi nga tewalibaawo biseera birungi bisinga ku biriwo kati. Tumanyi nti tuli ku nkomerero. Ebiseera bigenda kweyongera kwonooneka na kusajjuka okutuusa Yesu lw'alijja, okusinziira ku Byawandiikibwa.

218 Tewali kintu kyonna kye tuyinza kubasuubiza mu bulamu buno. Naye mu bulamu obulijja, tusobola okubasuubiza Obulamu Obutaggwaawo okuyita mu Kigambo Kyo, bwe banakkiriza Omwana wa Katonda ne bamusembeza nga Omutango gwabwe, nga Oyo Eyayimirira mu kifo kyabwe, nga Oyo Eyaggyawo ebibi byabwe. Tusaba okituwe kaakano.

219 Nsaba abatakkiriza bafuuke abakkiriza. Nsaba abajja obuzzi ku kkanisa, abali wano akawungeezi kano, abalina erinnya obunnya ery'eddiini olw'okuba bagenda mu kkanisa bulijjo, nsaba Katonda abakomeko; okwagala okwo okutenkanika kujje mu mitima gyabwe, bakaabe olw'ebibi byabwe, bafe eri obulamu bwe babadde batambuliramu, bazaalibwe buggya n'Omwoyo Omutukuvu, bafuuke bateefu era ab'ekisa, abajjudde okwagala, era abajjudde essanyu n'emikisa. Batambulire mu bulamu obusaanidde, obunaabaleetera okufuuka omunnyo ogunaasikiriza abantu ababeetoolodde, okulumwa ennyonta okuba nga bo. Kituwe, ayi Mukama, kubanga tukisabye mu Linnya Lye.

Era nga tukyakotese emitwe gyaffe.

220 Ssimanyi oba nga, akawungeezi kano, waliwo omuntu yenna, agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ssinga mpimiddwa ku minzaani ya Katonda mu kiseera w'obadde obuulirira, ssandiyinzizza yadde, n'akatono, bwe kati, kutuukiriza bisaanyizo by'oyogeddeko akawungeezi kano. Njagala onzijukire mu kusaba, nsobole okukyusa amakubo gange, era Katonda ayingire anzigyemu obusirusiru buno anfuule Omukristayo owa nnamaddala"? Osobola okuyimusa omukono, ggwe ali bw'atyo, eyetaaga okusabirwa, bw'oba osobola? Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ali emabega wali. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ssebo. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze.

Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Mukama
Katonda ow'eggye.
Ojjudde Eggulu n'ensi,
Eggulu n'ensi bitendereza Ggwe,
Ai Mukama ali Waggulu Ennyo.

Mutukuvu . . .

221 Nga bw'olowooza kaakano, nga bw'osaba, okusinziira nga bw'olumirizibwa nti oli musobya, era oyagala kutereera, yimusa omukono gwo, ogambe nti, "Ayi Katonda, nfuula ekyo kye nteekwa okuba"? Katonda akuwe omukisa, muwala. "Ayi Katonda, nfuula ekyo kye nteekwa okuba." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda, naawe mwannyinaze, naawe, naawe, naawe ali *wano* eno.

222 Ebiseera biggwaayo. Mmanyi kikalubo, ab'emikwano, naye kirungi ne mutegeera Amazima kati. Kati musabe mu kasirise.

Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Mukama
Katonda . . .

Ye mutukuvu, yekka.

. . . bijjudde Ggwe,
Eggulu n'ensi bitendereza Ggwe,
Ai Mukama ali Waggulu Ennyo.

223 Kitaffe ow'omu Ggulu, nga enjuba bw'egwa mu nnyanga akawungeezi, endegeya zikuŋŋaanira mu miti n'obwana bwazo. Ebinyonyi byonna bigenda mu bisu byabyo. Amayiba ne gabuuka ne gagenda ku waya, waggulu, emisota gireme okugataataaganya okuyita mu kiro. Gabeera eyo ne geewuunaganya okutuuka lwe geebaka. Oluvannyuma enjuba n'egwa mu nnyanga.

224 Naffe lumu tujja kutuuka mu kaseera ako. Okugwa kw'enjuba kujja kubaawo. Ssimanyi ddi lwe kiribaawo, Mukama. Naye wano waliwo abantu akawungeezi kano abakakafu nti babadde basobya, era baagala kutuuka mu kifo ekyo, nga Lincoln we yatuuka bwe yali afa, n'agamba nti,

"Munkyuse muntunuze enjuba gy'egwa." N'atandika okusaba nti, "Kitaffe Ali mu Ggulu."

225 Nga Moody ow'edda bwe yagamba nti, "Kuno kwe kufa? Luno lwe lunaku olw'okutikkirwa kwange."

226 Ayi Ggwe Ataggwaawo, basembeze kaakano, olw'okukkiriza, nga batudde awo mu bifo byabwe. Okonkonye ku mitima gyabwe, nga bali awo we batudde. Ekyo kye kyoto kyabwe. Kino kye kiseera Obasembeze, mu kaseera kano. Wagamba nti, "Oyo yenna ajja gyendi, ssirimugobera wabweru n'akatono."

227 Era lumu enjuba bw'eriba egwa mu nnyanga, nga omukyala oba omwami ayimiridde ku mabbali g'ekitanda, nga abasawo bavuddewo. O Mutukuvu, Mutukuvu, embeera eyo ennungi, enseeneekerevu, nga enjuba tennagwa. We tuligolokokera ne tugamba nti:

Emmunyeenye y'Akawungeezi n'Enjuba ng'egwa,
Bwe ndiba mpitiddwa!
Nsaba waleme kubaawo biwoobe mu kusala omusango,
Bwe ndiba nsomoka ennyanja.

228 Ayi Katonda, kibawe mu kaseera kano nga bwe balindirira, nga balindirira omukisa gwa Katonda okubakkako. Baggyeemu obusungu bwonna, baggyeemu, eby'ensi byonna, obatondemu omutima omuggya. Wagamba nti, "Ndikuggyamu omutima omukadde, ne nkussaamu omutima ogw'ennyama. Era Nditeeka Omwoyo Wange mu mutima ogwo, era balitambulira mu biragiro Byange ne bakuuma amateeka Gange." Kubanga, kiragiro kya kwagala, si kya buwaze. Wabula kya kwagala. Era kwagala kwe kutuwaliriza okukikola. Mulimu gwa kwagala, okutuwaliriza. Mulimu gwaffe okugoberera okwagala. Era nkusaba, ayi Katonda, Okiwe buli mutima oguyimusizza omukono akawungeezi kano.

229 N'abo abataayimusizza mikono gyabwe, leka nabo kaakano, olw'ekisa, bayimuse emikono gyabwe bakukkirize, era bajjuzibwe Omwoyo Wo mu mbeera eno ey'obuteefu, ennungi, mu kasirise, mu buwombeefu; bajjule ekisa, bafulume wano nga bantu abakyusiddwa. Ebinyonyi nga binaayimba mu ngeri ya njawulo, buli omu nga anaaba wa njawulo, oluvannyuma lw'akaseera kano, Ayi Mukama Ali Waggulu ennyo.

Mutukuvu, Mutukuvu, Mutukuvu, Mukama Katonda w'ensi.
Ojjudde Eggulu n'ensi,
Eggulu n'ensi bitendereza Ggwe,
Ayi Mukama Ali Waggulu ennyo.

230 Kaakano nga mukotese emitwe gyammwe, mmwe abaayimusizza emikono gyammwe okujjukirwa mu kusaba,

owulira nga Katonda ayogedde naawe mu ngeri ey'enjawulo, si lwa kukyamuukirira kwa ngeri yonna, wabula nga waliwo ekintu munda mu buziba mu ggwe, nga owulira Katonda akuwadde Obulamu Obutaggwaawo? Owulira nga ogenda kufuluma ekkanisa akawungeezi kano nga oli muntu wa njawulo? Muddemu muyimuse emikono gyammwe akawungeezi kano? Katonda akuwe omukisa, mutabani. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa, mwannyinaze. Katonda akuwe omukisa. Ky'ekyo. "ŋŋenda kufuluma ekkanisa eno, akawungeezi kano, nga ndi muntu mupya." Abaana abawere abaakazaalibwa mu Bwakabaka bwa Katonda.

231 Kiki ekibaddewo? Mmanyi waliwo enkola ey'okujja mu maaso wano ku wolutaali. Eyo wolutaali ya Bamesodisiti, manya nkola ya Bamesodisiti, kye ntegeeza. Yatandikibwaawo mu kkanisa y'Abamesodisiti, mu biro bya John Wesley. Teyaliiwo mu biro bya Bayibuli. "Abo bonna abakkiriza baagattibwa ku Kkanisa." Osobola okukkiririza wonna w'oli, wabweru mu kibangirizi, ku luguudo, wonna wonna. W'oli, si y'ensonga, kasita okkiriza Kristo okubeera Omulokozi wo. Kiba kikolwa kya Mwoyo Omutukuvu ajja mu mutima gwo. Bwe mumukkiriza, ne mumusembeza, musala ne muva mu kufa ne muyingira mu Bulamu, ne mufuuka bitonde biggya mu Kristo Yesu.

Tompitako, Ayi Omulokozi ow'ekisa,

Kati muyimirire ku bigere byammwe.

. . . okukaaba kwange okw'obwetowaze;
Nga bw'Okyalira abalala abakukoowoola,
Nange tompitako.

232 Kati njagala omuvubuka n'omukyala, gwe nzikiriza nti mukyala we, eyayimusizza omukono gwe, njagala oddemu oyimuse omukono emabega wali; mutabani, ggwe ayambadde ekkooti emmyufu, n'omukyala, abakkirizza Kristo okuba Omulokozi waabwe. Omuvubuka ono atudde wano mu kagaali k'abalema, akkirizza Kristo okuba Omulokozi we, era awulidde nga Katonda amulokodde. N'abalala emabega eyo abaayimusizza emikono gyammwe, muddeemu mugiyimuse waggulu abantu basobole okubalaba, basobole okussa ekimu nammwe.

233 Mubakwateko mu ngalo, abali okumpi, nabo. Mubagambe nti, "Katonda akuwe omukisa. Oyanirizibwa mu Bwakabaka bwa Katonda, muganda wange, mwannyinaze." Okussa ekimu, ekyo kye twagala. Katonda akuwe omukisa . . . Omuvubuka ono atudde wano eno mu kagaali k'abalema mumukwateko mu ngalo. Mukama abeere naye. Ky'ekyo. Tubaaniriza mu kussa ekimu kw'Omwoyo Omutukuvu.

234 Bw'oba obadde tobatizibwanga, nga wandyagadde okubatizibwa, tuukirira omusumba wano eno omutegeeze. Ekidiba weekiri n'amazzi mweegali, akawungeezi kano, bw'oba

oyagala kubatizibwa. Buli kimu kitegekeddwa. (Obadde olina, abalala ab'okubatiza?) Naye ekidiba kitegekeddwa, bwe wabaawo omuntu yenna ayagala okubatizibwa. Bayibuli egamba nti, "Mwenenye, buli muntu mu mmwe, mubatizibwe mu Linnya lya Yesu Kristo olw'okuggyibwako ebibi byammwe, era munaafuna ekirabo nga ye Mwoyo Omutukuvu. Kubanga ekisuubizo kiri eri mmwe n'abaana bammwe, n'abo abali ewala, n'abo bonna Mukama Katonda waffe b'aliyita."

235 Mumwagala? Muyimuse emikono gyammwe. O, si mulungi nnyo? Munyumirwa Ekitabo kino eky'Abaebbulaniya? Mukyagala? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Weewaawo. Kiyitirivu obulungi. Kati, Kigolola. O, Kikakali era kigolokofu, naye ekyo kye twagala. Tukyagala Kiri bwe kityo. Tetwagala kukifuna mu ngeri ndala yonna.

236 Kati, mukkiriza nti Pawulo alina obuyinza okukibuulira mu ngeri gye yakibuulira? Pawulo yagamba nti, "K'abeere Malayika ssinga alijja n'abuulira enjiri endala yonna, akolimirwe." Si bwe kiri? N'olwekyo tumwagala n'omutima gwaffe gwonna.

237 Kati ŋŋenda kusaba omusumba ajje wano katono, muganda waffe omwagalwa ennyo, Ow'oluganda Neville, era agenda kubaako ne by'abagamba. Era kati, Mukama bw'anaaba ayagadde, tujja kubalaba ku Lwokusatu akawungeezi, tukole enteekateeka ez'okugenda ew'Ow'oluganda Graham Snelling okubaayo mu lukungaana olw'akawungeezi. Ate mu kubuulira kwa wano tujja kugenda mu maaso n'essuula ey'o 7 n'eyo 8 ku Lwokusatu luno olujja akawungeezi. Ow'oluganda Neville.

57-0915E Abaebbulaniya, Essuula Ey'Omusanvu #1
Branham Tabernacle
Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org